# *Emmere Ey'Omwoyo Mu Ntuuko Zaayo*

Kkiriza bukkiriza, kkiriza bukkiriza,
Byonna biyinzika, kkiriza bu . . .

Tutya, kaakati bwe tuti:

Kaakano nzikiriza, kaakano nzikiriza,
Byonna biyinzika, kaakano nzikiriza;
Kaakano nzikiriza, kaakano nzikiriza,
Byonna biyinzika, kaakano nzikiriza.

Tusigale nga tuyimiridde kati, nga emitwe gyaffe tugikotese.

Mukama, leka luno luleme kuba luyimba buyimba kyokka, naye bubeere obuziba bwennyini obw'emitima gyaffe nga buyimba nti, "Kaakano nzikiriza!" Abayigirizwa lumu baagamba, oluvannyuma lwa Yesu okukola emirimu mingi nnyo egy'amaanyi, ne bagamba nti, "Mukama waffe, kaakano tukkiriza."

Yesu n'ababuuza nti, "Kaakano mukkiriza?"

2 Ne bagamba nti, "Tukkiriza nti Ggwe omanyi ebintu byonna era teweetaaga muntu yenna kukuyigiriza Ggwe." N'olw'ekyo, Kitaffe, akawungeezi kano tukitegeera nti teweetaaga kuyigiriza kwaffe, wabula ffe tweetaaga okukwo. N'olw'ekyo tusaba otuyigirize engeri y'okusabamu, engeri y'okutambuzaamu obulamu, n'engeri y'okukkirizaamu. Kituwe, Mukama, okuyita mu lukuŋŋaana luno akawungeezi kano. Bwe tuba ne kye tubulwako kyonna, kituwe, Mukama. Tukisabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

3 Mmanyi nti bangi ku mmwe nate era muyimiridde akawungeezi kano. N'eyo, ebweru, nsanzeeyo ebibinja abaŋŋambye nti tebasobodde kuyingira munda, nga bawuliririza ku leediyo zaabwe mu mmotoka ez'enjawulo. Kale kati tujja kugezaako okwanguwako nga bwe tusobola akawungeezi kano, olwa Ssande akawungeezi, twaluwaayo okusabira abalwadde, tube n'olunyiriri lw'okusabira abantu nga bwe tusobola okulukola wano. Kale luno olukuŋŋaana olw'akawungeezi kano tuluwaayo okusabira abalwadde.

4 Era njagala kaakano mube nga muzimbibwa mu . . . mu Nnono za Katonda zino Entukuvu, mu Kukkiriza, Okukkiriza okw'ekiseera kino. Okukkiriza! Kigenda kwetaagisa okukkiriza okusinga ku kwali kubadde mu mulembe omulala gwonna, kubanga kuno kuteekwa okuba okukkiriza okw'okukwakkulibwa, okusitulibwa. N'olw'ekyo twagala

okkirize akawungeezi kano mu ebyo byonna by'olabye, by'owulidde, Ekigambo ky'owulidde nga kibuulirwa, obu—obubonero n'ebyewuunyo by'olabye nga bikolebwa. Twagala ebyo byonna obikuŋŋaanye wamu mu mutima gwo, era obirowoozeeko, oba nga ddala oyo Katonda y'abikoze oba nedda.

5 Kiringa Erisa ow'edda, bwe yagamba nti, "Katonda bw'aba nga ye Katonda, kale mumuweereze." Era bwe kiba nti Yesu ye ntabiro y'ebintu byonna eri Omukristayo, awo ndowooza nti tusaanye okuleka ebirala byonna tunywerere ku Ye. Jjukira nti, Ye Ntabiro, Ye Mmunyeenye y'Obukiikakkono, Ye w'Okuntikko, Ye w'Enkomeredde. Era bw'aba nga Ye Mmunyeenye y'Obukiikakkono. . . Waliwo ekintu kimu kyokka ekisonga ku mmunyeenye ey'obukiikakkono, eyo ye kampasi yo ekulagirira nga osaabala. Era Kampasi gye ngezaako okukuwa ekulagirire nga osaabala kye Kigambo, era Ekigambo bulijjo kisonga ku Ye.

6 Kale muli tuwulira nga abayita mu kiseera ekizibu ennyo eky'ennaku n'ebigezo, ebiseera eby'okweraliikirira n'okulaba ennaku wakati w'amawanga, n'ebintu eby'enjawulo ebigenda mu maaso, era oluusi ntuuka ne mba nga nzenna nneebulunguluddwa, nga buli we ntunula, kiringa abali ku. . . mu mmeeri eri ku nnyanja. Nga nkwasiddwa okuba nga nze mugoba w'Ekyombo. Oba tunaatuuka tutya? Tuba tukyali awo ne wajja ejjengo ly'ebisiira, nga ligulumivu emirundi kikumi okusinga ekyombo kyange. Naye tujja kugavvuunuka, gonna kinnalimu. "Tuli bawanguzi n'okukirawo okuyita mu Ye." Omugoba, Omugoba Omukulu, y'akutte omuguwa oguli ku ludda luli olw'emmeeri, ajja kugigayisaamu. Tujja kuvvuunuka buli limu ku go.

7 Kaakano, akawungeezi kano, okusobola okwanguwa tubasiibule nga bukyali. . . Tusiima olw'eŋŋendo empanvu ze muvuze, n'ebirala, n'okuba nti kibeetaagisa okuvuga, ne byonna bye mwerekereza. Kale nno, olaba, ekyo kinteeka mu mbeera we njagalira nnyimirire ŋŋende mu maaso nga njogera bwogezi nga bwe nkola kyonna kye nsobola okubayamba. Naye bwe mba ndi wano ngezaako okuteekamu kyonna kye nsobola, okubaako ne we nnyamba mu kaseera ke tuli wano kati. Kale bw'oddira. . . Abantu bw'obawa ebisukkiridde obungi omulundi gumu tebasobola kubijjukira. Olina—olina kukwata bukwasi kintu kimu n'okiraga omuntu okutuusa lw'akiraba. Oluvannyuma nga ekyo kimaze okunywerera mu mitima gyabwe, awo baba bajja ku. . . awo osobola okubayigiriza ekirala. Nga bwe tugenda tusenvula mpola mpola.

8 Kaakati, musabe era muddeemu amaanyi, era mukkirize akawungeezi kano olw'okuwonyezebwa. Ssirowooza nti waliwo kye mwebuuza kyonna mu birowoozo byammwe ku biseera bye tulimu. Ssikkiriza nti waliwo okubuusabuusa mu birowoozo

byammwe oba nga Katonda ali wakati mu bantu Be oba nedda. Nzikiriza nti ekyo mwenna mukikkiriza. Era . . . Tewali kubuusabuusa mu mutima gwange kw'ekyo. Era mma—mma—mmanyi abantu bange, mikwano gyange, mikwano gya Kristo, abaana ba—ba Kristo, ekyo bakikkiriza.

9 Era kimpa essanyu ery'ensusso okulaba nti bw'okimanya nti olina Obubaka obuva eri Katonda, n'obuwa abantu n'olaba abantu nga baanukula gye Buli. Awo otunula emabega n'ogamba nti, "Weebale, Kitange." Ha, nga liba ssanyu okulaba abaana nga balya Omugaati ogubaweerezeddwa! Mujjukira nti okwo kwali kwolesebwa okwaliwo emyaka mingi egyayita, wano wennyini mu kkuŋŋaaniro lino? Ky'ekyo, "Omugaati gw'Obulamu." Ow'oluganda Neville, okujjukira, ndowooza. Kyali kiseera kikulu, kikulu nnyo!

10 Kati leka tubikkule, bw'oba oyagala okugoberera kye tusoma oba okukiwandiika, gira . . . Ssikkiriza nti kisaanidde okuba mu lukuŋŋaana ne tutasoma Kigambo kya Katonda n'okubaako kye kyogerwako, ne bwe luba lugenda kuba lukuŋŋaana lwa kusabira balwadde oba olulala lwonna. Ffenna tukitegeera. Ndowooza, temuliimu bagenyi mu ffe. Naye ffenna tutegeera okuwonyezebwa kye kuli. Si kye kintu omuntu ky'akukolera; wabula kye kintu Katonda kye yamala edda okukukolera. N'obulokozi buli mu ttuluba lye limu. Kimu kyokka, kwe, kukkirizisa abantu nti ago ge Mazima. Era Katonda akiyigiriza mu Kigambo Kye oluvannyuma n'akikakasa eri abo abanaakikkiriza, kubanga yagamba nti, "Byonna biyinzika eri abo abakkiriza."

11 Mugamba nti, "Tewali kitayinzika eri Katonda." Mukikkiriza ekyo? Nammwe nno, tewali kitayinzika gye muli. "Kubanga byonna biyinzika eri *abo*," (Katonda Muntu omu) "eri abo abakkiriza." Okiraba? Kale nno tewali kitayinzika gy'oli, ku lulwo, ssinga okkiriza bukkiriza.

12 Kati mu Bassekabaka Ekisooka, essuula ey'e 17, njagala nsome ennyiriri musanvu ezisooka, Mukama nga ayagadde.

> *Awo Eriya Omutisubi, eyali ku abo abaatuula e Gireyaadi, n'agamba Akabu nti* MUKAMA *Katonda wa Isiraeri nga bw'ali omulamu, gwe nnyimirira mu maaso Ge, tewaabenga musulo newankubadde enkuba mu myaka gino esatu, wabula nga ekigambo kyange bwe kiri.*
>
> *Awo ekigambo kya* MUKAMA *ne kimujjira, nga kyogera nti*
>
> *Va wano okyuke* ebuvanjuba, *okyuke ogende ebuvanjuba weekweke awali akagga Kerisi akoolekera Yoludaani.*
>
> *Awo olulituuka onoonyweranga mu kagga; era ndagidde bannamuŋŋoona okukuliisiza eyo.*

Wekkaanye, "okukuliisiza *eyo*," si walala wonna. "Eyo!"

*Awo n'agenda n'akola nga* MUKAMA, manya *ekigambo kya* MUKAMA *bwe kyali: kubanga yagenda n'abeera awali akagga Kerisi akoolekera Yoludaani.*

*Awo bannamuŋŋoona ne bamuleeteranga emmere n'ennyama enkya, n'emmere n'ennyama akawungeezi; n'anywanga mu kagga.*

*Awo olwatuuka ddaaki akagga ne kakala olw'obutaba nkuba mu nsi.*

13 Mukama ayongere emikisa Gye ku kusomebwa kw'Ekigambo Kye. Kale kati, akawungeezi kano, njagala okujja awo eky'okuyigako, ekiyitibwa, "Emmere ey'omwoyo mu ntuuko Zaayo." Ku makya twabadde ne—n'essomo ku—ku "Okuweereza Katonda, oba okugezaako okumuweereza awatali. . .-wabula nga si kye kiseera ekituufu, entuuko entuufu, ekifo ekituufu, oba omuntu omutuufu." Ate kaakati kino kiri: *Emmere Ey'Omwoyo Mu Ntuuko Zaayo*.

14 Nnabbi ono, Eriya, tumumanyiiko bitono ddala. Wabula tumanyi nti yali muweereza wa Katonda, era omuweereza wa Katonda ow'ekiseera ekyo.

15 Era Katonda akozesezza omwoyo gwe, ogwali ku Eriya, kati emirundi esatu, era asuubizaayo n'emirala ebiri; gy'etaano, okuweza ekisa. Yagukozesa ku Eriya; ne gukka ku Erisa mu kigera kya mirundi ebiri; gw'ali ku Yokaana Omubatiza; guteekwa okujja okuyingizaamu Omugole w'Ab'amawanga; era gujje wamu ne Musa okutwala Abayudaaya eka. Ky'ekyo. Emirundi etaano Katonda gy'asuubiza okukozesa omwoyo gwa Eriya, era yamala dda okukikola emirundi esatu.

16 Kaakati, nnabbi ono omukulu, tetumanyi wa gye yava. Kye tumanyi yali Mutisubi. Naye engeri gye yajjamu. . .

17 Tumanya bitono nnyo ddala ku bikwata ku ba nnabbi. Tetumanya wa gye bava. Emirundi mitono ddala. . .Nga, nange bwe simanyiiyo n'omu eyava mu kkanisa yonna oba olulyo mwe yali asibuka. Baabanga basajja aba bulijjo abaali batatya, nga, n'emirundi mingi, tebaasoma. Era tebalina bintu byonna bye baawandiika, bo bennyini. Isaaya ne Yeremiya, n'abalala abatonotono, balina bye baawandiika, naye omusajja ono ow'ekitalo Eriya talina yadde ekintu ekimu kye yawandiika. Bangi ku bo tebaawandiika; oba oli awo baali tebamanyi kuwandiika. Naye baali basajja abamalirivu. Tewali muntu n'omu mu Bayibuli afaanana ba nnabbi abo ab'edda. Baaziimuula obwakabaka, bakabaka, abantu, amakanisa, n'ebirala byonna, ne bayimirira nga banyweredde ku Kigambo kya Katonda, ne Katonda n'abakakasa okuba abatuufu. Baali basajja abamalirivu.

18 Era Eriya ono y'omu ku baali basingayo obumalirivu mu bonna. Yali musajja wa mu ddungu. Yava mu ddungu; yasulanga mu ddungu. Bayibuli egamba nti yayambalanga maliba. Yalina eddiba ly'endiga lye yeesibanga, n'akaliba akatono, ak'eŋŋamira ke yeesibanga mu kiwato, ddala . . . nga alina amasulubu mu maaso, era nkubamu akafaananyi nga yali musajja atasiba zikweya, bw'omutunulako.

19 Naye tetwa . . . abamu ku bo tebaafa bufi. Bonna si—tebaafa bufi bonna. Mu biseera by'Olukiiko lw'e Nikeya, bangi ku mmwe abaasoma ku kitabo ekiyitibwa *Olukiiko lw'e Nikeya olw'Ekkanisa Eyasooka,* bwe baayagala okugikolamu ekibiina bamenye amakanisa amalala gonna, gafuuke emu, bwe baatuula mu Kakiiko ako ak'e Nikeya, abasajja abamalirivu nga Erisa ne bagendayo nga bava mu ddungu, nga balya bimera byokka; abasajja ab'ekitalo abamalirivu. Naye abakungu, aba waggulu, abaali wansi wa Constantine, n'abalala, ne babuutikira eddoboozi lyabwe. Kubanga bo, nga bwe baali bannabbi, baakimanya nti empeke y'eŋŋano ey'Ekkanisa y'Omugole yalina okugwa mu ttaka, mu ngeri y'emu nga empeke y'eŋŋano ey'Omugole omusajja bwe yalina okugwa mu ttaka. Era yabeeramu okumala emyaka lukumi.

20 Eyo ye nsonga lwaki bawandiika mu bitabo leero nti, "Katonda oyo omusirifu ali ludda wa eyayimirira awo n'atunula butunuzi, n'alaba abaana abato nga batirimbulwa, nga n'abakazi empologoma zibayuzaayuza, n'atuula eyo mu bire n'atabaako na ky'akyogerako?" Tebamanyi Kigambo. Empeke y'eŋŋano eyo eteekwa okugwa mu ttaka. Katonda omutuukirivu yali ayinza atya okuyimirira obuyimirizi n'atunula nga Omwana We afa era nga awandulirwa amalusu, n'ebirala? Naye okusinziira ku Kigambo, kirina kuba bwe kityo. Era bwe kityo bwe kiri ne mu biseera bino.

21 Omusajja ono, yali musajja wa kitalo. Yalina omulembe omwonoonyi ennyo ogwamusooka. Akabu yali kabaka, ne kitaawe eyamusookawo yali mwonoonyi nnyo. Okuva ku Sulemaani, buli kabaka eyaddiriranga munne yalinga mubi. Kati ate omusajja ono, Akabu, eyafugira mu Samaliya okumala emyaka abiri-mu-ebiri, bonna ye yabasinga obubi. Yagenderanga nnyo ku bintu by'omulembe. Yali akkiririza mu ddiini, ekyo tewali kubuusabuusa. Era buli kimu kyonna yakitambuzanga mu ngeri ya mulembe. Yalina bannabbi ababe Abaebbulaniya ebikumi bina, nga bonna bayivu nnyo era nga batendeke bulungi. Katonda yamutumirayokko omu naye n'atayinza kukikkiriza, oyo yali Eriya.

22 Naye Eriya, Omutisubi ono, yali musajja wa mu malungu. Teyali musajja mwangu; yali musajja atasiba zikweya. Era olumu, oluvannyuma lwa Akabu okwonoona okutuusa nga Katonda takyasobola kwongera kukigumiikiriza, yayogera ne Eriya mu ddungu. Kaakano wuuno wano nga aserengeta

emmanga eno e Samaliya, nga bulijjo bwe ntera okukyoleka; oba oli awo nga yenna amasulubu ag'envi gamubunye mu maaso, nga ekiwalaata kye kimasamasa mu kasana, n'obuuso obutono obukaddiye, nga ali eyo n'omuggo mu mukono gwe, n'akamwenyumwenyu ku maaso ge, n'agenda butereevu ne yeesimba mu maaso ga kabaka wa Isiraeri, n'ayogera nti, "E . . . Ka gube musulo tegujja kugwa okutuusa nga nguyise."

23 Katonda atuwe abasajja bwe batyo, laba, abasajja abamanyi eky'okukola ne BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA.

24 Kati, tukiraba nti kino bwe yali tannakikola, Katonda yasooka kumuyita. Katonda yali ayogedde naye kale, n'olw'ekyo, yali talina ky'atya kyonna. Yali tatiiririra obubaka bwe, nti tekigenda kutuukirira; yali akimanyi nti kigenda kutuukirira! Yali akimanyi nti bw'ali nga Ekigambo kya Mukama bwe kiri, era nga akimanyi nti ye nnabbi wa Katonda ow'ekiseera ekyo. N'olw'ekyo oba kabaka yali wa kumusalako mutwe, oba kumukasuka mu kkomera, kyonna kye bandikoze, tekirina kye kyandimukyusizzaako; yalina okutumibwa okugamba nti, "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA," butereevu mu maaso ga kabaka. Nga yali musajja mumalirivu! Wabula nga kino tannakikola, okulagula ekyeya kino eky'omutawaana . . .

25 Kubanga Katonda tagenda kuleka kibi kugenda nga tekibonerezeddwa. Wateekwa okubaawo ekibonerezo. Etteeka ligasa ki bwe litabaako ki—kibonerezo? Kiyinza kugasa ki, okugamba nti, "kimenya mateeka okusimbula nga ekitaala tekinnakuta," naye nga tekiriiko ngassi, oba nga tekiriiko kibonerezo? Eryo teriba tteeka. N'olw'ekyo ekibi kiriko ekibonerezo. Kale Katonda bw'akola etteeka, etteeka eryo—etteeka ne limenyebwa, olwo waba wateekwa okubaawo ekibonerezo olw'ekyo.

26 Era eggwanga lino lyali linyoomodde amateeka Ge gonna. Ha, baalina ekkanisa ennene, baalina yeekaalu. Baalina abasajja abayivu bangi nnyo. Baalina bannabbi wonna mu ggwanga, baalina amatendekero mwe baatendekerwanga, nga babaalula mu bungi nga abaalulwa ekyuma. Era baalina bannabbi bangi nnyo ddala, baalina bangi nnyo ba—bakabona, baalina abawandiisi bangi nnyo, nga balina n'eddiini nnyingi nnyo, naye baali wala nnyo n'Ekigambo kya Katonda. Kale Katonda kye yava ayita omusajja eyali ebweru w'enkola zaabwe zonna, n'amutuma gye bali ne BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA.

27 Kati wekkaanye engeri gy'Alabiriramu ababe. Nga tannatuma nnabbi ono na bubaka, yagamba nti, "Eriya, serengeta ogambe Kabaka Akabu ebintu bino. Era awo, bw'onaamala okukikola, omuviire mangu ddala, kubanga nkutegekedde ekifo mw'onaagenda mu kiseera eky'ekyeya. Ŋŋenda kukulabirira, Eriya, bw'onoobuulira Ekigambo Kyange, kola ekyo kyennyini kye nkugamba okukola."

28 Kaakati ŋŋenda kugeraageranya obuweereza buno obw'ekitalo, akawungeezi kano, obwa Eriya n'ebiro bya Eriya, n'ekiseera kye tulimu kati. Nzikiriza nti bifaanaganira ddala. Ndowooza ku mawanga...ssinga mba...tubadde n'obudde okuddayokko emabega, naye ate obudde obusinga njagala kubuteeka ku lunyiriri lw'ab'okusabirwa.

29 Kale ssinga tubadde tusobola okuddayokko emabega ne tulaba, Isiraeri baali baatwala Palesitayini ku musingi gwe gumu nga naffe bwe twatwala Amerika eno. Twajja mu Amerika muno ne tugobamu abaalimu, abaali bayitibwa Abayindi, ensi ne tugyezza. Ne Isiraeri bw'etyo bwe yajja mu Palesitayini, nga bakulemberwa Yoswa, wansi wa Katonda, ne bagobamu abaalimu ne bezza ensi.

30 Era bakabaka baabwe abaasooka baali basajja ba maanyi: Dawudi, Sulemaani, n'abasajja ab'ekitalo. Abakulembeze b'eggwanga lyaffe abaasooka baali basajja ba kitalo: Washington, Lincoln, n'abalala. Naye oluvannyuma abakulembeze b'amawanga manya bakabaka baatandika okweyongera okwonooneka buli kiseera, era baakomekkereza n'ono Akabu. Ekifaananyi kye kimu ddala, nga ebiro byaffe. N'abantu baali bagendera nnyo ku by'omulembe nga tebakyayagala na kuwulira Kigambo kya Mukama ekituufu.

31 Kati teeberezaamu, eri abantu ab'omulembe bwe batyo, engeri omuweereza wa Katonda yennyini omutuufu gye yandiwulikiseemu gye bali. "Tolaba, yali mulalu, yali mutabufu wa mutwe. Tewasobola kubaayo kintu bwe kityo." Baali bannaddiini, bannaddiini nnyo. Baalina abasajja abeesimbu, baalina abantu abeesimbu. Baali bannaddiini nnyo.

32 N'olw'ekyo yakimanya nti kyali kigenda kwetaagisa ekintu ekisinga ku kusomerera eby'eddiini okwa bulijjo, nga kya kwetaagisa ekintu ekisinga—ekisinga ku bubaka obwa bulijjo, nga kya kwetaagisa ekintu ekisinga ku kubuulira obubuulizi Ekigambo, okusobola okwasa emitima gyabwe emikalubo. Yakimanya nti kyetaagisa BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA okusobola okusindika omusango ogwo ku bantu abo. Kale yakimanya nti bw'agenda ne BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA (Era nga kyali BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA.), Ekyo okukisambajja, gwali musango. Ekyo tukiraba mu nnaku zaffe, namwo. Tukiraba ne mu mirembe emirala. Waba tewakyali kirala kyonna kisigaddeyo okujjako omusango kasita obuuka omusittale gw'ekisa.

33 Kati, ekifaananyi ekyo, awo, ŋŋenda kugeraageranya Eriya n'ekkanisa leero, ekkanisa ya leero. Mu kaseera ako nga omusango tegunnaba, awo we yafunira obubaka buno. Eriya, yakiikirira, bwe yalabirirwa mu by'omubiri, emmere ye ey'obutonde, kubanga kati enkuba yali tegenda kutonnya, okusinziira ku Kigambo kya Katonda, okumala emyaka esatu

n'emyezi mukaaga, oba okutuusa nga Eriya y'agiyise. "Ekiseera kyonna ky'ogamba, Eriya, bwe kityo bwe kinaaba." Kye yava ayambuka eri kabaka, n'agamba nti, "Tewajja kubaawo yadde omusulo ogugwa okutuusa nga nze nguyise." Ekyo nno ki—kizito ddala, si bwe kiri? Obwo bubaka ddala!

34 Era kaakati ekyo tugenda kukigeraageranya n'ekyeya eky'omu mwoyo eky'ennaku zino. Kati, ffenna tumanyi, tukimanyi bulungi nnyo, nti waliwo ekyeya eky'amaanyi eky'omwoyo mu nsi leero, nga twogera okusinziira ku by'omwoyo. Kati, mukimanyi, nti ekyo kyalagulwa bannabbi, nti kiribaawo mu kaseera nga Okujja kwa Kristo okw'omulundi ogw'Okubiri tekunnabaawo? Nti, "Walijjawo enjala mu nsi, ate teriba ya mmere yokka, wabula ey'okuwulira Ekigambo kya Katonda." Era ekiseera ekyo kye kino, "okuwulira Ekigambo kya Katonda eky'amazima." Kati, kino kifaananyi ekiraga ekyeya eky'omubiri n'eky'omwoyo.

35 Ekibi n'obutakkiriza, nga bireetebwa abayigiriza ab'obulimba n'ababuulira eby'omulembe mu kkanisa, bye byali bireeseewo embeera eno, ey'omusango ogwali gubindabinda. Era baali bavudde ku Kigambo kya Katonda ne nnabbi We, ne baba nga Ekigambo bakyogerako bwogezi mu ngeri ey'enjigiriza y'eby'eddiini ey'omulembe ogwo.

36 Bw'oba weetegerezza wano, mu kiseera ekyo kyennyini bulijjo Katonda w'abereerako ne ky'ayimusa. Kubanga, Ye, bulijjo, tabaako na ky'Akola nga tasoose kukibikkulira bantu, era bulijjo akibikkula nga ayita mu baweereza Be.

37 Kaakati, naye Eriya, mu kiseera kino, yalina ekifo eky'ekyama Katonda kye yali yamutegekera okugendamu. Ekyo kye kintu kye twagala okulaba kati nga tetunnagenda mu lunyiriri lw'ab'okusabirwa. Eriya yalina ekifo eky'ekyama nga Katonda Mwene ye yakiteekawo. Kati, ekkanisa si ye yakimuteerawo, kabaka si ye yakimuteerawo, ye yennyini si ye yakyeteerawo, wabula Katonda ye yateerawo Eriya ekifo eky'ekyama abe nga aliisibwa ebbanga lyonna mu kiseera eky'ekyeya, emmere ye gye yaleetebwanga buli lunaku. Yali teyetaaga kweraliikirira binaddirira enkeera oba okweraliikirira nti oba oli awo emmere ejja kuggwaawo. Katonda yagamba nti, "Ndagidde bannamuŋŋoona era banaakuliisanga." Nga kintu kikulu nnyo, ekifaananyi eky'ekifo kyaffe eky'ekyama mu Kristo.

38 Nga akakiiko k'ensi yonna n'ebyo byonna ebigenda mu maaso leero, ebyogerwa mbu, "Ennaku z'eby'amagero zaggwaako." Amaanyi ga Katonda ag'ekitalo gaggyiddwa mu makanisa. Balabika nga, yadde n'akatono, tebalina kye basigazza okujjako okuba "ekikomo ekivuga n'ekitaasa ekisaala." Tukimanyi nti ago ge mazima. "N'ekifaananyi eky'okutya Katonda, naye nga beegaana Amaanyi gaakwo."

39 Kye kimu Dawudi kye yakola, enkya ya leero, n'ebigaali ebisikibwa ente ennume, bavudde ku Kigambo. Ekigambo bwe kyabanjulirwa ne kibakwasibwa, tebaakyagala; n'olw'ekyo, baali bakivuddeko.

40 Ekyo abantu bano kye baali bakoze mu nnaku za Eriya, baava ku Kigambo. Baali balowooza nti balina Ekigambo, naye tebaakirina.

41 Kale kati, wekkaanye kaakano, mu...mu kiseera we yali agenda okubonerereza oyo atakkiriza, yakolerawo omukkiriza ekkubo ery'obuddukiro. Ekintu kye kimu ky'Akola buli mulundi. Mu kiseera we yali agenda okuzikiriza ensi n'amazzi, yakolerawo Nuuwa ekkubo ery'obuddukiro. Mu kiseera we yali agenda okubbiza Misiri mu nnyanja, yakolawo ekkubo ery'obuddukiro eri abantu Be okusomoka ennyanja. Nga Katonda yeekolera ekkubo! Era awatali kkubo, Ye lye Kkubo eryo. Ye lye Kkubo eryo!

42 Kati tukiraba nti twolekedde ebimu ku...ebimu ku biseera ebikyasinzeeyo okuba ebikulu ennyo mu byafaayo. Ekikompola kya bbomu ekimasamasa, ekisongovu, kyo kyennyini si kye tusaanye okutya. Amakanisa ge tusaanye okutya. Ekiseera kye tulimu kye tusaanye okwekaliriza.

43 Kati wekkaanye, naye Katonda yakolerawo Eriya engeri ey'okukisimattuka. Era akozeewo engeri ey'okukisimattuka eri abaana Be abakkiriza kati, ekiruyi n'ebintu ebigenda okujja.

44 Kubanga, Katonda teyandibadde mwenkanya kusalira bantu bali musango na kubasindikira kibonerezo, na kunnyika Sodomu ne Gomola, na kunnyika Kaperenawumu wakati mu nnyanja, na kusalira mirembe egyo musango, ne Sodomu ne Gomola, ate ffe n'atuleka ne tuyinaayina nga ate tukoze ekintu kye kimu. Naffe ddala tuteekwa okusalirwa omusango nga na bali bwe baali bateekwa okusalirwa omusango. Kati tulaba nti...

45 Ebintu bino bwe byabaawo, enkola ey'omulembe ey'ebiseera ebyo, Katonda n'agolokosa omusajja mu biro ebyo, oba n'ayimusa omusajja, manyanga, okweŋŋanga amaanyi ago, naye tebaayinza kubiwuliriza. Baalowooza nti yali agudde ddalu, nti atabuse omutwe, ali awo muzeeyi omuzoole, omusirusiru ava eyo mu ddungu, eyatabuka omutwe olw'okubeeranga mu ttale. Naye, ate nga, yalina Ekigambo kya Mukama.

46 "Ekigambo tekitegeeza ekyo Kye kigamba," bwe batyo bwe bagamba leero. "Ha, ndaba, Bayibuli kitabo kya byafaayo." Ndowooza kino mukirabyeko, kye boogera kati, mbu, "Kaawa teyalya apo, yalya..." Kyali kiki? Nzikiriza... "Yali apulikooti," bwe bagamba ennaku zino. "Yali apulikooti." N'ekirala, mbu, "Musa teyasomosaako baana Nnyanja Emmyufu. Mbu byali bitoogo byereere, okutuuka eri emitala w'ennyanja, era mbu yasomoka nnyanja ya bitoogo." Kati olwo amazzi, a-m-a-z-z-i,

geeyawulamu gatya ebisenge erudda n'erudda, ne basomokera ku ttaka ekkalu, kyali kitya? Ha, obusirusiru obwenkanidde awo! Naye, olaba, kyetaagisa ekiseera ekifaanana bwe kityo okusobola okussa ekiruyi kya Katonda wansi ku bantu. Kye kikikola.

47 Bagamba mbu teriiyo bintu nga—nga bino. . . Ne bannakkanisa bennyini tebakkiririza mu by'amagero. "Nja kukuwa ddoola lukumi," bwe bagamba, "bw'ondaga eky'amagero. Ndagaayo eky'amagero!" Naye, tebasobola kukiraba ebintu mutwalo mulamba ne bwe byandikoleddwa mu maaso gaabwe. Kuba, bo, tebandisobodde kubiraba.

Oyinza okugamba nti, "Ekyo kye kitasoboka." Ha, nedda, kisoboka.

48 Eriya lumu yali mmanga eyo e Dosani, eggye ly'Abasuuli ne lijja ne lyetooloola ekibuga, okumukwata, kubanga baakitegeera nti mu ye amaanyi g'e—g'eggwanga mwe gaali, gaali mu mulabi oyo. Kubanga, kabaka. . . Omu ku basajja yagamba kabaka wa Busuuli, nti, "Owange, okimanyi nti, Eriya nnabbi, Omutisubi, y'abuulira kabaka wa Isiraeri by'oyogerako mu kisenge kyo eky'ekyama."

49 N'agamba nti, "Mugende mukwate omusajja oyo! Oyo omusajja y'atulemesa." Eggye lya Busuuli lyonna ne lyeyiwa awo okwetoloola Dosani. Kyonna baali bakyetoolodde.

50 Awo Gekazi, omu—omuddu wa nnabbi, n'agolokoka, n'agamba nti, "Ha, kitange, amagye gatwetoolodde wano wonna. Batuzingizza ku buli luuyi."

51 N'agamba nti, "Naye, abali naffe bangi okusinga abali nabo." Okiraba?

Gekazi n'atunula okwetooloola wonna, n'agamba nti, "Ssiraba muntu n'omu."

52 N'agamba nti, "Mukama Katonda, zibula amaaso g'omulenzi oyo." Amaaso ge ne gazibuka, obusozi bwonna nga bujjudde Bamalayika n'amagaali nga batudde awo, Amagye agatalabika na maaso.

53 Eriya n'afulumayo, era Bayibuli egamba nti, "Yabaziba amaaso." Yafuluma n'agenda gye bali; nga tebamulaba. Yafuluma n'agamba nti, "Munoonya Eriya?"

N'agamba nti, "Yee, gwe tunoonya."

54 N'agamba nti, "Kale mujje, mbabuulire gy'ali," n'aboolekeza mu mutego, butereevu amagye ne gafuluma ne gabakwata.

55 Kati, Bayibuli egamba nti, "Yabaziba amaaso." Ekyo kimalawo empaka. Naye abantu mu mwoyo bazibe ba maaso nnyo ddala leero, nti Mukama Katonda ne bw'akka mu makkati g'abantu n'akola ekintu kyonna, n'ebintu bye yasuubiza, era tebasobola kukiraba. Mu mwoyo bazibe ba maaso;

tebamanyi Katonda, tebamanyi Maanyi Ge ag'ekitalo. Kati, tukiraba nti ekyo baakikola mu biro bya Eriya, era ne leero bakyakikola. Katonda abaziba amaaso. Bagamba leero, mbu, "Teriiyo by'amagero, teriiyo bintu bya ngeri eyo, kuno kwonna kukyamuukirira."

56 Era ekintu kye kimu kye baayogera ku Eriya, kubanga bwe yasitulibwa Erisa n'amuddira mu bigere, omuvubuka omuto, eyamera ekiwalaata, nga muto, abaana ne badduka nga bumugoberera, nga bwe bamuyeeya nti, "Muzeeyi kiwalaata, ggwe lwaki tewagenze n'Eriya?" Okiraba, n'okukikkiriza tebaakikkiriza mu kusookera ddala, abantu, wadde nga waaliwo bingi nnyo ebyali bikoleddwa. Nga n'omusajja wa Katonda ono ow'ekitalo amaze okuwaanyisibwa n'atwalibwa mu Ggulu ku magaali ag'omuliro, naye era abantu tebaakikkiriza. Era obwana bwabwe bw'agenda bugoberera omusajja ono nga bwe bugamba nti, "Muzeeyi kiwalaata, lwaki tewagenda mu ggulu?" Okiraba? Awo nnabbi n'akolimira obwana, eddubu ekkazi ne litta ana-mu-bubiri ku bwo.

57 Kati weetegereze. Leero, nga bwe kyali luli, Ekigambo bakiwa enzivuunula eyaabwe ku bwabwe. Kati, ekyo bwe baba nga kye baagala okukola, kiri gye bali, naye ate bagezaako okutukkirizisa enzivuunula yaabwe. Bayibuli yagamba nti, "Ekigambo kya Katonda kino tewali alina kukiwa nzivuunula eyiye ku bubwe." Katonda Ye yevvuunulira. Katonda akakasa Ekigambo Kye, era okwo kwe kuba okuvvunuulwa kwa Kyo. Nga bwe ŋŋambyenga emirundi mingi nti, yagamba ku lubereberye nti, "Leka wabeewo obutangaavu," ne wabaawo obutangaavu. Ekyo kyali tekyetaaga kuvvuunulwa; kyabaawo. Yagamba nti, "Embeerera eriba olubuto," n'eba. Yagamba nti "alifuka Omwoyo We," era n'Akikola. Era yagamba nti, "mu nnaku ez'oluvannyuma," waliwo ebintu by'Alikola, era Abikola! Tekyetaagisa kuvvuunulwa kwonna; Katonda Ye yeekolera okuvvuunula. Omusirusiru ne bw'ayogera ki kyonna, ekyo tekiyinza kulemesa Katonda n'akatono.

58 Yesu bwe yali ku nsi, yasisinkana obutakkiriza bwe bumu obw'okumeggana nabwo nga bwe tulina leero, oba oli awo n'obusingawo. Naye tebwamuziyiza; yeeyongera bweyongezi mu maaso kukola na kutuukiriza mirimu Gye, nga Katonda bw'akakasa buli kimu kyonna kye yakolanga. Yagamba nti, "Ssiri ku lwange. Nze ne Kitange tuli omu; abeera mu Nze. Si Nze nkola emirimu, wabula Kitange ali mu Nze. Kale oba nga emirimu Gye si gye nkola, temunzikiririzaamu; naye bwe nkola emirimu ate ne mutanzikiririzaamu, waakiri mukkirize emirimu ku bwagyo." Okiraba? Mu ngeri endala, baa . . . "Munoonye mu Byawandiikibwa," bwe yagamba nti, "kubanga mulowooza nti omwo mwe mufuna Obulamu Obutaggwaawo, olw'okumanya Ebyawandiikibwa. Ate nga Ebyawandiikibwa, Byo byennyini, bye byogera ku Nze." Amiina! Nga kigambo kya kitalo! "Byo

byennyini, Ebyawandiikibwa, bye bibategeeza kye Ndi," bw'atyo Yesu bwe yagamba.

59 Era Byawandiikibwa bye bibategeeza ekiseera kye tulimu. N'ebintu bye mulaba nga bikolebwa, ye Katonda Mwene nga ali mu bantu Be. Tewali kiyinza kuzuukiza mufu okujjako Katonda. Tewali kiyinza kukola bintu by'Akola kati okujjako Ye. Kubanga Bayibuli egamba nti, "Abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna."

60 Kati tulaba enkola y'abantu ey'omulembe, mu kiseera ekyo mbu, "Ha, ebyo byaggwaawo, tewakyali bintu biyitibwa by'amagero. Abantu bonna bakyamuukirira bukyamuukirizi."

61 Wuliriza Eriya oyo, nnabbi, nga abavumirira n'abantu baabwe abaasomerera eby'eddiini. Wekkaanye, wekkaanye, yayogera nga gy'oli nti ye yali Katonda Yennyini. Eriya yayogera nga gy'oli nti ye yali Katonda Yennyini nti, "Omusulo tegujja kugwa okuva mu ggulu okutuusa nga nze nguyise." Amiina! Yee, ssebo.

62 Nnabbi yali amaze ebbanga ddene mu Kubeerawo kwa Katonda, bannabbi ab'omu Ndagaano Enkadde, oba ebiseera ebirala byonna, baabeeranga mu Kubeerawo kwa Katonda okutuusa lwe baafuukanga Ekigambo, n'Obubaka bwabwe nga Kigambo kyennyini. Era, jjukira, yagamba nti, "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA." Era abasajja abo bwe baabanga n'obubaka obwo obuva eri Katonda, ne batwalibwa nnyo okutuusa nti endowooza zaabwe bo. . . Oba oli awo bwakontananga n'endowooza yaabwe bo, bayinza okuba nga tebaasobolanga ku—kukiraba bulungi. Naye baalinga boogera Kigambo kya Katonda, "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA."

63 "Tewajja kutonnya nkuba yonna okutuusa nga nze ngiyise." Ha, nga kigambo kya kitalo ekyo! Yali avudde mu Kubeerawo kwa Katonda era nga akakasiddwa nnyo ddala. Era, jjukira nti, ekyo kikwatagana ne Amosi 3:7, "Mukama Katonda talikola kintu kyonna okujjako nga asoose kukibikkulira baddu Be ba nnabbi." N'agamba nti, "Tewagenda kubaawo nkuba yonna etonnya!" Yasooka ku . . .

64 Baamusekerera, nga balowooza mulalu, "Omuzoole oyo!" Naye, labayo, yalina BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA nti enkuba yali tegenda kutonnya. Era, Katonda, ekyo nga tannakikola, yakibikkulira Eriya omuddu We. Kale yali nnabbi akakasiddwa, omukakafu, n'olw'ekyo abantu baali basaanye okwenenya. Naye, mu kifo ky'okukola ekyo, baamusekerera busekerezi, nga bwe bagamba nti, "Ha, enkuba tulina nnyingi! Ttanka zaffe omuterekwa amazzi zijjudde. Emigga gikulukuta bulungi."

65 Bayibuli egamba nti, "Tewaali yadde omusulo okumala emyaka esatu n'emyezi mukaaga." Obugga bwonna n'ebifo omuli amazzi byakalira, buli wamu wonna. Oyo teyali musajja oyo, oyo

yali Katonda nga y'ayogera okuyita mu musajja oyo. Oyo ye yali "Ndi" eyali. Bulijjo tukimanyi. Kale ya . . .

66 Tulaba nti omusajja bw'ajja, nga atumiddwa okuva eri Katonda, nga yayawulibwa Katonda, nga alina BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA yennyini, obubaka n'omubaka byombi biba ekintu kimu. Kubanga atumibwa kukiikirira BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, Kigambo ku Kigambo, n'olw'ekyo ye n'obubaka bwe baba kimu.

67 Omusajja munnaddiini nga akolera wansi wa kibiina kya ddiini, ye n'ekkanisa eyo baba bali "omu." Oyo asomerera eby'eddiini nga ali wansi w'enjigiriza y'eddiini, nga ava mu kibiina ky'eddiini ekimu, ye n'obubaka bwe baba kimu; ekkanisa ey'enjigiriza ey'ekinnaddiini, n'asomerera eby'eddiini. Bwe kiri ddala.

68 Mu ngeri y'emu omuntu bw'ajja ne BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, ye n'Obubaka baba bali kimu. Ne Eriya bwe yajja ne BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, ye n'obubaka bwe baafuka omu. Nga ne Yesu, bwe yajja, Ye yali Kigambo, Omutukuvu Yokaana 1. N'olw'ekyo Ekigambo kya Katonda n'omubaka w'omulembe bombi babeera ekintu kye kimu, bulijjo. Ky'ekyo.

69 Yesu ye yali Ekigambo ekyalagulwako. Ye yali ekyo bannabbi kye baayogerako ekyali eky'okubaawo nti, "Omuwala embeerera aliba olubuto era azaale Omwana ono." Edda eri ku luberyeberye, Katonda yabagamba, nti, "Ezzadde ly'omukazi liribetenta omutwe gw'omusota, nagwo gulibetenta ekisinziiro ky'omukazi." Obunnabbi buno bwonna bw'ali bwaweebwa. Dawudi bwe yakaaba, bannabbi abalala bonna okuyita mu mirembe gyonna, nga boogera ku Ye. Ye yali Ekigambo ekyo nga kirabisiddwa! Aleeruya!

70 Kati mulaba kye ngezaako okuluubirira? Nnayogedde nammwe mu ngeri ennyangu okutegeera ku makya ga leero. Temulaba buyinza bwa Katonda omulamu mu Kkanisa ennamu, Omugole? Abalwadde bawonyezebwa, abafu bazuukizibwa, abalema batambula, bamuzibe balaba, Enjiri efulumira mu maanyi gaayo, kubanga Obubaka n'omubaka biri kye kimu. Ekigambo kiri mu Kkanisa, mu muntu.

71 Ekigambo kya Katonda kyali mu Eriya bwe yayambuka okugendayo nga alina BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, n'agamba nti, "Tejja kutonnya." Oyo teyali Eriya; oyo yali Katonda mu Eriya.

72 Kino nkyogedde emirundi mingi, nga omukyala ow'enzikiriza y'Abakristayo Abassayansi lumu bwe yaŋŋamba. Nkyogeddeko emirundi mingi. Yaŋŋamba nti, "Mw. Branham, Yesu omwenyumiririzaamu nnyo ekisusse."

Ne ŋŋamba nti, "Ka nsuubire nti ekyo kyokka kye nnina okwanukulira."

N'ayongera n'agamba nti, "Ogezaako okumufuula Katonda."

Ne ŋŋamba nti, "Yali Katonda."

73 N'agamba nti, "Ha, yali nnabbi, yali musajja mulungi, naye teyali Katonda."

74 Ne ŋŋamba nti, "Kale, ndagaayo Ekyawandiikibwa kimu ekigamba nti teyali."

75 N'agamba nti, "Mu Kitabo ky'Omutukuvu Yokaana, wagamba nti 'yakaaba' bwe yagenda ku ntaana ya Lazaalo."

76 "Weewaawo," ne ŋŋamba nti, "mazima ddala, yakaaba. Yali muntu ate era yali Katonda. Yali muntu, nga akaaba; naye yalina okuba Katonda okusobola okuzuukiza omufu." Kyekyo. Ne ŋŋamba nti, "Yali muntu, nga enjala emuluma; naye ate yali Katonda nga aliisa enkumi ettaano, ne bu bisikwiti obutonotono n'ebyennyanja bitaano." Ky'ekyo. "Yali muntu, bwe yali yeebase emabega mu lyato; naye ate yali Katonda mu Ye eyali asobola okukkakkanya ennyanja." Lwaki? Ye n'Obubaka Bwe baali omu.

77 Yagamba nti, "Nze ne Kitange tuli omu. Kitange abeera mu Nze." Ye yali obulamba bwa Katonda bwonna nga bwambadde omubiri.

78 Ndowooza kyali kyewuunyisa nnyo luli, bwe nnali nnyinyonnyola *Emirembe Omusanvu Egy'Ekkanisa*. Okusookera ddala, nna—nnali ssitegeera ngeri Yesu gy'ayimirira awo ne ba. . .ng'aliko ekyeru ekyo waggulu ku Ye bw'atyo, awagamba nti, "Enviiri Ze nga njeru nga ebyoya by'endiga." Nnali ssitegeera ngeri musajja wa myaka asatu-mu-esatu gy'ayinza kutukula mutwe gwonna nga omuzira.

79 Ne mpita eyasomerera eby'eddiini omulungi, Omupentekoote eyasomerera eby'eddiini, mukwano gwange omulungi ennyo. Weewaawo, yali Ow'oluganda Jack Moore. Musajja mugezi, mukenkufu. N'agamba nti, "Ow'oluganda Branham, oyo yali Yesu nga agulumiziddwa. Bw'atyo bwe yali afaanana oluvannyuma lw'okugulumizibwa." Nedda, ekyo nnali ssisobola kukikkiriza. Nedda.

Ne—ne—ne ŋŋamba nti, "Kale, Ow'oluganda Moore, weebale."

80 Ne nnyingira mu kisenge awo ne ntandika okwogera eri Katonda. Ne nkebera mu nkuluze yange eragirira awali ebigambo ebifaanagana mu byawandiikibwa okusobola okumuzzaayo mu Danyeri, awagamba nti, "Era n'ajja eri Oyo ow'Eddan'edda eyalina enviiri Ze nga njeru nga ebyoya by'endiga." Ne ŋŋamba nti, "Mukama, ssi—ssi—ssimanyi kya kwogera, ate nga nnina obuvunaanyizibwa." Kati, ebyo byaliwo nga-. . .ate jjukira nti, Obubonero Omusanvu nga tebunnaba kubikkulwa, nga wakyabulayo omwaka nga gumu n'omusobyo,

kiryoke kibeewo. Nnali eyo nga nsaba nti, "Mukama, kyali kiki?"

81 Ne ntunula, nga mu maaso gange wayimiriddewo, ne wayimirirawo omusajja nga mulamuzi, era yalina wiigi enjeru ku mutwe gwe. Abalamuzi ab'edda ab'omu nnaku ez'edda baayambalanga wiigi enjeru okulaga nti y'alina obuyinza obw'oku ntikko.

82 Kale bwe nnalaba Yesu nga ayambadde wiigi enjeru, ne ŋŋamba nti ekyo kikakasa bukakasa amazima ge tumanyi, nti Ye bwe Buyinza obw'oku Ntikko. Katonda yakakasa ekintu kye kimu ku Lusozi Olw'okuwanyisibwa, n'agamba nti, "Ono ye Mwana wange omwagalwa, mumuwulire, ye Buyinza obw'oku Ntikko!"

83 Kati ate emabega eri ku ntandikwa y'Obubonero Omusanvu, Bamalayika bali omusanvu bwe bakka wansi mu ngeri ya piramiidi, bwe baayimirira awo ne baŋŋamba nkomewo wano njogere ku Bubonero Omusanvu, nti era Ajja kubeera nange, Ajja kundaga kye bwali, ebintu ebyali byabula. Nnalowoozanga nti kyali ky'asibwa ku Kitabo ku ngulu era nga kintu ekyali kitaawandiikibwa mu Kitabo, naye oluvannyuma kyamanyibwa nti ekyo tasobola kukikola. Si kintu ekyawandiikibwa mu Kitabo. . .Kintu ekikwekeddwa mu Kitabo. "Kubanga oyo yenna alitoolako Ekigambo kimu ku Kyo oba n'agattako ekigambo ku Kyo. . ." N'olw'ekyo kyama ekyakwekebwa mu Kitabo mu mirembe gino omusanvu egy'ekkanisa. Buli gumu ku gyo gwavaamu e—ekyama, ebyo byonna ebikwata ku kubatizibwa mu mazzi ne bino ebirala byonna bye babaddenga bagezaako okunnyonyola okumala ebbanga eddene.

84 Kati ekyo bwe kyatumbiira mu bbanga, ebifo ebinene omulengererwa eby'omu bwengula okuviira ddala eyo mu California, okutuuka mu Mexico, ne mu Tucson, buli wamu wonna, nga bakikuba ebifaananyi. Kyali kintu ekitategeerekeka. Ow'oluganda Fred Sothmann erudda awo, atudde emabega wali, nange n'Ow'oluganda Gene Norman, nga tuyimiriridde ddala awo wennyini mu kaseera we kyatumbiirira. Baakuba ekifaananyi, naye era n'okutuuka kati tebannategeera kye bitegeeza. Gye buvuddeko wano, buli omu yali agamba nti, "Labayo wano. Kino kifaanana *bwekiti*, n'ebiwaawaatiro bya Bamalayika, engeri gye byebisseemu."

85 Lumu, bwe nnakikyusa ku ddyo, ŋŋenda okulaba, nga Yesu Kristo yennyini nga Hofmann bwe yamusiiga mu kifaananyi. Yali ayimiridde awo nga aliko wiigi enjeru, nga atunudde wansi ku nsi, nga alaga nti Ye bwe Buyinza obw'oku Ntikko. Obwengula bukirangirira, Bayibuli ekirangirira, Obubaka bukirangirira, byonna ekintu kye kimu. Buyinza obw'oku Ntikko, nga aliko wiigi enjeru; olaba ekirevu Kye ekiddugavu wansi. Bangi ku mmwe ekifaananyi mwakiraba. Tukirina

kiri wali. Kikyuse bukyusa nga okizza ku ddyo, bukiika, okyetegereze. Wuuyo awo, ddala nga bwe kyandibadde, ssinga aba akubiddwa ekifaananyi. Bakitunuulira bakirabira ku luuyi lukyamu. Olina okukitunuulira nga okyetegereza okuva ku luuyi olutuufu. Ate Mukama Katonda yekka y'asobola okukubikkulira luuyi ki olutuufu olw'okukitunuuliramu. Kikyuse ku luuyi lwo olwa ddyo okyetegereze. Wuuyo awo, ddala nga bwe kyandibadde ssinga kiba kikubiddwa ekifaananyi, waggulu awo.

86 Omulundi gwe nnasookera ddala okumulaba, yali afaanana nga *Omutwe gwa*. . . nga ekifaananyi Hofmann kye yasiiga. Ekyo mu kusooka nnali ssikirabangako. Naye mu kkuŋŋaaniro lya Billy Sunday, nga wayiseewo emyaka, ne nkiraba. Ennyumba yange tebulangamu ekimu ku bifaananyi ebyo okuva ku olwo.

87 Kati, wano mu bire, nga ŋŋamba nti Katonda yennyini gwe nnalaba waggulu mu kwolesebwa kuno eri, nga nkyali kalenzi kato wano awali kati ekizimbe kino eky'essomero, bw'Atyo bwe yali afaanana. Era wano mu Bwengula, nga wayiseewo emyaka asatu-mu-esatu, ne bukirangirira, nti ge mazima. Bw'atyo bw'Afaanana; si ndowooza ya muntu eri awo etategeerekeka.

88 Nga mu Vatican, balinayo e—e—ekifaananyi ekisiige ekya Kristo, kiriko akalevu akeeru aketooloovu manya nga kiriko ekirevu ekyetooloovu ku kalevu Ke, kiweza obuwanvu nga bwa kitundu kya yinci, nga kyetooloola waggulu w'omumwa Gwe *bwekiti*, ekyo ne bakiyita Kristo.

89 Ekyo kinzijukiza bujjukiza endowooza y'omusiizi w'ebifaananyi Omuyonaani gwe nnalaba lumu mu lutikko ey'edda ennyo, nga alaga nga Adamu ne Kaawa bwe baali bafaanana; mbu baali bafaanana nga bisolo oba ekintu eky'engeri bw'etyo. Ekyo endowooza y'omubiri ky'esobola okutegeera ku kintu eky'omwoyo. Ndowooza nti Adamu yali musajja akyasinzeeyo okulabika obulungi mu bonna abaali babadde ku nsi, nga ne Kaawa yali mukazi ataliiko kamogo mu buli ngeri.

90 Kati ab'endowooza y'omubiri Ekintu ekyo bakizingira mu ndowooza zaabwe bo, naye Katonda n'asindika wansi Ekintu era n'akyanjuluza nga akozesa Amaanyi Ge. Ekyo kyennyini kye kyabaawo wano mu biro bya Akabu.

91 Kati, tukiraba nti Eriya ekyo yali asobola okukyogera kubanga Obubaka bw'ekiseera ekyo n'Ekigambo kya Katonda, manya, omubaka, Obubaka—Obubaka, n'Ekigambo, byali ekintu kye kimu. Nnabbi, Ekigambo, Obubaka; omubaka, Obubaka, n'Obubaka, byali ekintu kye kimu. Yesu yagamba nti, "Bwe mba nga ssikola mirimu egyampandiikibwako, temunzikiriza." Ekyo kirungi. Omuntu yenna n'obubaka bwe baba bali omu.

92 Ye nsonga lwaki ennaku zino tebakkiririza mu kukola mirimu gya Katonda, kubanga tebakkiriza Bubaka bwa Katonda. Obubaka tebabukkiriza.

93 Naye eri abo abakkiriza ebiro bya Katonda bye tulimu, ebintu bino Mmere nkusike. Ggwe kirowoozeeko okuba nti, Katonda akikwekedde ddala bakitunuulire naye nga tebakiraba. Engeri y'emu Eriya gye yazibamu eggye lya Busuuli amaaso. Ye ngeri y'emu Katonda gy'azibamu amaaso g'oyo atakkiriza n'atalaba Mmere yennyini entuufu ey'omwana, omukkiriza.

94 Kye kyabayisa Nuuwa, "omuzoole," bwe yali azimba ekyombo, amaaso ge bwe gaazibuka eri Ekigambo kya Katonda n'ekisuubizo. Ekintu kyennyini kye baayita obuzoole, kye kyalokola Nuuwa n'ab'enju ye. Okiraba, ekintu kye kimu. Ekintu abantu kye basekerera, ate ffe kye tusaba okufuna. Ekintu abantu kye bayita "eky'obulalu," ffe kye tuyita "Ekikulu!" Ensi ky'eyita "ekikulu," Katonda akiyita "busiru." Ate ensi ky'eyita "obusiru," Katonda ky'ayita "Ekikulu!" Eyo ye njawulo ddala yennyini eri wakati w'Ebituufu n'ebikyamu. Yesu Kristo abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna.

95 Jjukira nti, yagenda mu kifo kye eky'ekyama okusinziira ku ntegeka ya Katonda, olw'okuyitibwa kwa Katonda, n'Ekigambo kya Katonda. Eriya yayingira mu kifo kye eky'ekyama olw'okumanyirawo kwa Katonda, entegeka, n'okuyitibwa okwali ku bulamu bwe, okusinziira ku Kigambo. Eyo bw'eba nga si ye ngeri gye twayingiramu, ssimanyi ngeri ki gye twayingiramu.

96 Era weetegereze, nga ekyeya tekinnatandika, Eriya yayingira mu kifo kino eky'ekyama ku lw'okubaawo kwe. Ekifaananyi kyennyini eky'ekyo ekiribaawo nga omusango tegunnatandika kukuba nsi, Ekkanisa eriba emaze okuyitibwayo, nga Omugole amaze okulondebwa, nga akyalinzeeko katono nga omusango tegunnakka. Yatandika dda okulinda, alya Mmere ya Katonda, nga bw'anyumirwa emikisa gya Katonda. Omuntu yenna ategeera obulungi akimanyi bulungi nti twolekedde, tuli mu kaseera kennyini ak'omusango.

97 Labayo! Ow'oluganda Banks, n'abasajja abamu ku mmwe abawerako abali wano akawungeezi kano, abaali bayimiridde awo ku lusozi olwo ku makya ago.

98 Era njagala okwogera ku lusozi olwo, ku Ssande ejja ku makya, Mukama nga ayagadde. Nnafuna okubikkulirwa okw'ekitalo, ekintu ekyeyongerako kye ssikyasobola kwongera kusirikira akawungeezi kano. Naye nnina . . . Mukiraba? Ate kibeera kyeyongera bweyongezi, buli kiseera, nga biddiriŋŋana. Mukiraba? Tekigenda kulekera awo kubeerawo, kubanga kyali BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA.

99 Mwenna abali wano, n'enkumi emirundi nkumi abawuliriza ku ntambi, bampulira bwe nnayimirira ne ŋŋamba nti, "BW'ATI

BW'AYOGERA MUKAMA, kigenda kuba *bwekiti* ne *bwekiti*." N'empapula z'amawulire n'obutabo birina okukirangirira nti bwe kityo bwe kiri. Tebamanyi bikikwatako, naye baakiraba. Tebamanyi kiki kye kiri, naye baakiraba, ne kikakasa Ekigambo okuba nga ge mazima gennyini.

100 Twali tuyimiridde emmanga wano ku mugga, oyo Malayika wa Mukama n'akka wansi ku lunaku olwo, emyaka asatu-mu-esatu, manyanga, kyali mu 1933 bwe yakka wansi n'Ayogera ebintu bye yayogera. Bwe nnavaayo, abasajja bangi abaali bayimiridde awo ku lubalama, ne bagamba nti, "Ekyo kibadde kitegeeza ki, Billy?"

101 Ne ŋŋamba nti, "Ekyo tekibadde kyange; ekyo kibadde kyammwe. Nze nzikiriza; ate mmwe temukkiriza." Ne ntambula ne nvaawo.

102 Omusumba kwe kuŋŋamba, n'agamba nti, "Ky'otegeeza nti ggwe, eyakoma mu ky'omusanvu, ggwe ogenda okwetooloola ensi yonna osabire bakabaka abakungu n'ab'ebitiibwa? Era, ha," n'agamba nti, "kyerabire!"

103 Nnali ssisobola kukyerabira, kyali kiwandiikiddwa ku mutima gwange. Kaakati wano, nga wayiseewo emyaka asat-mu-esatu, buli kintu kyonna kye yayogera kituukiririidde ddala nga bwe yakyogera nti bw'Alikikola. Ye Katonda era tayinza kulemererwa. Bulijjo akuuma Ekigambo Kye. A . . . Ekyo tokibuusabuusanga.

104 Kati, labayo, yayingirayo ku ntegeka ya Katonda (okumanyirawo), okuyitibwa kwa Katonda, n'Ekigambo kya Katonda, era yayingirayo nga enjala tennagwa.

Kaakati, tukimanyi nti omusango gutuuse okukka.

105 Bwe nnali nnyimiridde ku kasozi ako ku olwo, n'Ow'oluganda Banks Wood ayimiridde wano, twali tulinnyalinnya akasozi. Oba oli awo leka nziremu nkinokole, kisobole okuzimba okukkiriza kwammwe olw'olunyiriri lw'ab'okusabirwa olutegekebwa okutandika mu ddakiika ezinaddako kkumi, kkumi na ttaano. Nnali nkulembedde Ow'oluganda Banks. Yali . . . Ndowooza yali alese nga Mwanyinnaffe Ruby mulwadde. Era bwe yali anvaako emabega, ne mmweetegereza mu maaso, nga amyukiridde. Nnatunula emabega. Ne ndowooza nti oba oli awo akasozi kandimukaluubirira okulinnya, ne nzita ku bigere. Mu malungu eyo, waggulu w'obusozi nga *obwo,* awo wennyini Bamalayika ba Mukama we baalabikira. Twali twolekedde ludda olwo lwennyini mu kaseera ako, gye baali baalabikira emyezi mitono nga tekinnabaawo.

106 Era bwe nnali nnyambuka akasozi, Omwoyo wa Katonda . . . Bwe nnakyuka erudda, ne ntunula waggulu ku lusozi, n'Agamba nti, "Londa ejjinja eryo, omugambe nti, 'BW'ATI BW'AYOGERA

MUKAMA, ojja kulaba Ekitiibwa kya Katonda mu ssaawa ntono eziddako.'"

107 Nnalonda bulonzi jjinja, ne ŋŋamba nti, "Ow'oluganda Banks, ssimanyi lwaki," ne ndikasuka mu bbanga, ne ŋŋamba nti, "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, ogenda kulaba Ekitiibwa kya Katonda."

N'agamba nti, "Ekyo kibadde kikwata ku Ruby?"

108 Ne ŋŋamba nti, "Nedda, ssirowooza nga kibadde kirina engeri yonna gye kikukwatako, ggwe Banks oba Ruby, oba omu ku mmwe. Ndowooza kibadde kigamba bugambi nti, 'BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, waliwo ekigenda okubaawo.'"

109 Enkeera ku makya bwe twali tuyimiridde awo, bangi ku basajja, ssimanyi ku bo bameka abatudde wano kati, waaliwo kkumi na babiri oba kkumi na bana, twali kkumi na bataano abaali batudde awo. Amangu ago, ne wabaawo omuweereza eyajja gyendi n'agamba nti, "Ow'oluganda Branham," n'agamba nti, "erinnya lyange nze *Gundi*." N'agamba nti, "Nnali omu ku baasasuliranga enkuŋŋaana zo ez'omu California."

110 Ne ŋŋamba nti, "Nsanyuse okukusisinkana, ssebo." Douglas McHughes. N'agamba nti, "Ndi..." Ne ŋŋamba nti, "Ndi musanyufu okukusisinkana." Ne tukwatagana mu ngalo.

111 N'agamba nti, "Kale, kaakati, nnina kye njagala okukubuuza." N'agamba...Roy Roberson, omuyima wa wano; Ow'oluganda Wood, Terry ne Billy, ne, o, Ow'oluganda Mc Anally, ssimanyi b'ani abalala abaali bayimiridde awo. Ne... N'agamba nti, "Nnina kye njagala okukubuuza." N'agamba nti, "Mukama waliwokko lw'akuwa ku kwolesebwa bwe kuti?"

112 Ne ŋŋamba nti, "Weewaawo, ow'oluganda, naye ekindeeta eno kwe kusobola okukyeyawulako, mpummulemukko."

Ne mmagamaga bwe *nti*, ne ndaba omusawo omuggumivu nga amutunuulidde, n'agamba nti, "Rev. McHughes, obulwadde buno obukuli mu liiso bunaatera okuziba eriiso lyo. Nkujjanjabidde emyaka ebiri, naye ssirina kye nnyinza kukikolera."

Ne mmukyukira. Ne ŋŋamba nti, "Ensonga lwaki ombuuzizza ekyo, omusawo wo yakugamba, olunaku lwa luli ku, 'Bulwadde obwo obuli mu liiso lyo.'" Bwali bwa ttuntu, ku ssaawa nga ttaano, era yali ayambadde gaalubindi ez'omusana. Ne ŋŋamba nti, "Ensonga eri nti; ezo tozambadde lwa musana, ozambadde lwa liiso lyo. Yakugamba nti wali 'ogenda kufiirwa eriiso lyo.'"

N'atandika okukaaba, n'agamba nti, "Ky'ekyo kyennyini."

113 Ne nkyuka ntambule nate, nnali nnina ekitiiyo mu ngalo. Ne ntunula; ne mmulaba nga ayimiridde awo antunuulidde, amaaso ge nga malamu tteke. Ne ŋŋamba nti, "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, tojja kufiirwa liiso lyo." Nnali naye nga tuyigga awo

nga ebiseera eby'obutiti bigenda okutandika, alaba bulungi nnyo n'okunsinga oba omuntu omulala yenna ali mu kibiina. Teya . . .

114 Ne ndaba omukazi omukulu nga afunya sitookisi ye wansi ate sikaati ye n'agyambusaako katono oludda olumu. N'agamba nti, "Mutabani, bw'olaba ku W'oluganda Branham, omugamba n'asabira ebigere byange." Ne ntunula wansi awo, obuntu obutono . . . nga kirabika nga alina obuzimba ku bigere bye, kwonna.

115 Ne ŋŋamba nti, "Maama wo mukazi wa nvi. 'Mutabani,' olaba. Yakugambye nga tonnavaayo, nti bw'onandaba, oŋŋambe nsabire ebigere bye. Alina obuzimba, obumujjudde, yenna ku bigere bye." Kaabula kata azirike.

N'agamba nti, "Ago ge mazima."

Ne ŋŋamba nti, "Mugambe aleme kweraliikirira. Byonna bijja kutereera."

116 Ne ntandika okutambulatambula. Awo ne mpulira Eddoboozi lya Katonda nga lyogera, ne ligamba nti, "Va mu kkubo, mu bwangu ddala."

Roy Roberson yali ayimiridde awo, nga nkimanyi nti kaawonawo mu lutalo, ne nteeka omukono gwange ku kibegabega kye, ne ŋŋamba nti, "Ow'oluganda Roy, weekweke, mangu ddala nga bw'osobola!"

N'agamba nti, "Mutawaana ki?"

Ne ŋŋamba nti, "Va mu kkubo! Weekweke!"

117 Mba ntandika okutambula, ntadde ekitiiyo kyange wansi, ne nkyuka, ne nzijako enkofiira yange. Awo n'alyoka Ajja, Ekitiibwa kya Katonda nga kikkira mu mpewo ey'akazimu eyabejjulako oludda lw'olusozi bw'eti, ne wabaawo okubwatuka n'ekankanya ekifo bw'etyo, n'etemako entikko y'ekisaka; ffuuti nga ssatu oba nnya, oba ttaano waggulu w'omutwe gwange. N'eddayo nga bwe yebonga nga akazindaalo bw'etyo; n'eddamu n'ebwatuka nate. Nate, n'ekomawo, emirundi esatu.

118 Oluvannyuma bwe yavaawo, omulundi ogw'okusatu, Ow'oluganda Banks n'ajja, n'agamba nti, "Ekyo kye wabadde oyogerako?"

Ne ŋŋamba nti, "Yee."

N'agamba nti, "Ye kibadde kiki?"

119 Ne ŋŋamba nti, "Katonda alabikira mu mbuyaga eyebonga." Ssitegedde oba ayagadde abantu mbabuulire oba nedda.

120 Ne ŋŋenda mu maaso ne nsabako. Awo n'Aŋŋamba nti nsobola okubabuulira. Ne ŋŋamba nti, "Ogwo musango gwe gukuba Olubalama lw'Ebugwanjuba." Laba bwe lufaanana leero! Laba ekyaddirira nga waakayitawo essaawa ntono oluvannyuma lw'ekyo: Alaska kyagwamu. Era kati ekintu

kyonna kigenda kikka wansi. Tuyingira mu musango. Okusaasirwa kuziimuddwa.

121 Naye Katonda yeebazibwe, tulina Emmere enkusike, Emmere ey'omwoyo, gye tulyako mu bulungi n'okusaasira kw'okubikkulirwa kwa Yesu Kristo mu nnaku zino ez'oluvannyuma, nga yeekakasa Mwene mu makkati g'abantu Be. Amiina! Baayingira. Eriya yayingira nga ekyeya tekinnatandika. Katonda yeebazibwe olw'okubeera munda nga omusango tegunnatandika. Kati kiseera kya kufuluma na kuyingira munda, okufuluma ebibiina ebyo n'okuyingira mu Kristo, kiseera kya kufuluma n'okuyingira eri abakkiriza abatuufu bonna.

122 Kale yayitibwa, era n'asigala omwo munda. Jjukira nti, teyava ku kagga ako okutuusa Katonda lwe yamuyita.

123 Era oluvannyuma nga ekyeya kinaatera okuggwako, yamuyita okuvaayo, aserengete mu nnyumba ya nnamwandu. Wekkaanye, yayita nnamwandu ono. Era nnamwandu ono yali teyeegasse na batakkiriza; na kufuna kabonero ka nsolo mu kiseera ky'ekyeya. Kale yayita omukazi ono. . . yayita Eriya okubeezaawo nnamwandu ono. Baalinawo akagaati kamu, akantu kokka ke yali yekutteko. Kyokka Eriya n'agamba nti, "Ako, sooka okampe. Kubanga, BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, nti akasumbi ako tekajja kukalira n'amafuta tegajja kukalira, okutuusa ku lunaku Mukama Katonda lw'alisindika enkuba ku nsi." Nga akulembeza Katonda, nga akulembeza Ekigambo Kye!

124 Wekkaanye, mu ppipa mwalimu obutta. Buli lwe yagendanga okukima obutta, mwabangamu obutta mu ppipa. Mu kasumbi mwabangamu amafuta, buli lwe yagakimanga. Lwaki? Obutta kyali kifaananyi ekyoleka Kristo mu kiweebwayo eky'obutta. Enjola z'emmengo ezisa obutta zaalina okusooka okutegekebwa obulungi, okusobola okusa buli kaweke. Buli lusa lw'obutta buno nga luseereddwa kyenkanyi, ekiraga nti Ye omu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Ekyo kyali Kigambo, Omugaati gw'Obulamu ogugoberera obubaka, okukakasa Ekigambo.

125 Bwe kityo bwe kiri ne leero, ab'emikwano. Bwe kityo bwe kiri ne leero, nti Omugaati gw'Obulamu abaana gwe balyako, gwe gugoberera Obubaka bwa Katonda, okusobola okubabeezaawo mu kiseera eky'ekyeya. Watya ssinga ayimirirako mu maaso gaffe leero? Watya ssinga azze n'ayimirirako mu maaso gaffe mu kaseera kano kennyini? Yandibadde yeeyisa era n'akola nga bwe yakola mu biro biri bwe yali mu mubiri wano ku nsi. Omugole omukazi kitundu ku Bba, Ekkanisa eri kimu ne Kristo. "Emirimu gye nkola nammwe gye mulikola." Era Ekigambo kye kyagikola. Yatugamba nti ebintu bye yakola naffe tulibikola.

126 Wano ate era tuddamu okulaba nti, Ekigambo bwe kiba mu ffe era nga kyajja gye tuli, nga bwe kyajja eri Eriya mu biro biri, kijja kukola ekintu kye kimu kye yakola, yalyanga ku Bintu bya Katonda ebikusike ebikwekeddwa ensi obutabiraba. Ha! Nate, kifuula Obubaka n'omubaka okuba ekintu kimu. Emmere ey'Omwoyo ewedde okutegeka, era zino ze ntuuko Zaayo kati. Era buli omu ku mmwe osobola okufuna Emmere eno bw'oba ogyagadde, bw'oba oli mwetegefu okwawukana ku butakkiriza bwonna obuliwo mu kiseera kino, bw'oba oli mwetegefu okuyingira mu Kristo, jangu oyingire mu kisuubizo Kye.

Era jjukira ebisuubizo Bye, mu Malaki 4, Lukka 17:30, ne mu njiri ya Yokaana Omutukuvu 14:12, n'Ebyawandiikibwa ebirala bingi, ebyogera ku, Yoweri 2:38, n'ebyo byonna by'Alina okukola, ntegeeza 2:28, manyanga, by'Alina okukola mu nnaku zino ezisembayo. N'engeri nnabbi gye yagamba nti walibaawo Ekitangaala mu nnaku zino ez'oluvannyuma, engeri gye kirikola, kiki kye kirikola, Ebyawandiikibwa byonna nga bisonga ku nnaku zino ez'oluvannyuma. Era oyo ye Kristo! Bw'oba osobola okwekweka mu Ekyo kati, mu Kifo ekyo eky'ekyama, osobola okulya n'okulaba obulungi n'okusaasira kwa Katonda. Bw'oba oli mulwadde, omwo mulimu okuwonyezebwa.

127 Mujjukira Erisa, oluvannyuma, nga amaze okussa wansi... Oluvannyuma lw'ekiweebwayo eky'obutta kye yalina, Kristo, n'abeezaawo ennyumba ya nnamwandu nakyo. Weetegereze nga wayiseewo akaseera bwe yayita omuliro okukka wansi nga guva mu ggulu, n'ebirala, n'akakasa nti yatumibwa, Katonda, Omwoyo wa nnabbi.

128 Wekkaanye mu lukoola, bwe yali yeebase awo wansi w'omwoloola, Malayika yajja n'ekika ky'obutta ekyo kye kimu, n'afumbawo obugaati n'amuliisa. Bwe waayitawo akabanga n'addamu n'amwebasa, ate n'amuzuukusa, ng'alinawo obugaati obulala obw'obutta bwe yali amufumbiddewo. N'atambulira ku maanyi ge yafuna mu bugaati obwo okumala ennaku amakumi ana. Ekitiibwa kibe eri Katonda! Abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna. O, nga tumwagala, Emmere ey'omwoyo mu ntuuko zaayo!

129 "Tekisaana kuddira mmere ya baana n'ogiwa obubwa." Yesu ekyo ssi kye kimu kye yagamba omukazi Omukanani? Yatumibwa eri Babe. Ekyo bwe kiri. Era yajja eri abo... Teyagenda eri Baamawanga.

130 Era kati leero akyalira Ab'amawanga mu kiseera kyabwe, kale tekisaana ku...

131 Oyinza okugamba nti, "Lwaki Obubaka tebugenda bweru eyo mu bifo bino ebinene eby'amaanyi, mu nkuŋŋaana z'enjiri zino ennene, nga bwe kiri mu bibiina by'amaddiini?"

132 Ssi Mmere yaabwe. Abo lwa kweyita kkanisa, bakyeyita bweyisi, naye eyo si Mmere yaabwe. Mmere ya Mugole. Mmere ya mwoyo mu ntuuko. Eba ejja kubalumya embuto. Erimu ebiriisa bingi nnyo tebagisobola. Okiraba? Okiraba? To—to—tosobola kukikola. Naye, eri abaana, Gwe Mugaati, Bwe Bulamu, Ye Yesu Kristo abeera obumu jjo, leero, n'emirembe gyonna.

133 Obudde bujja kutuyitako nnyo bwe tutatandikirawo lunyiriri lw'ab'okusabirwa kaakati, kale leka tukoteke ku mitwe gyaffe okumala akaseera.

134 Ayi Katonda, Emmere mu ntuuko zaayo, Emmere ey'omwoyo. Ekintu ensi ky'etemanyiiko n'akatono. Nga tuwulira Mukama waffe nga ayogera ekiro kiri, manya olunaku luli emmanga eri mu Samaliya, mu kifo kye kimu Erisa we yatuuka n'agamba nti, "Kale, kagube musulo tegujja kugwa okutuusa nga nze nguyise." Ne Yesu n'ayimirira awo ng'abuulira abayigirizwa be.

Ne bamugamba nti, "Mukama waffe, lwaki tolya?"

N'abagamba nti, "Nnina Emmere mmwe gye mutamanyiiko."

135 Mazima ddala, Mukama, Emmere Ye kwali kukola ebyo Katonda by'ayagala, okulaba emirimu gya Katonda nga girabisibwa mu kiseera Kye. Yaliwo okulaba nga gikolebwa. "Ssirina kye nkola okujjako nga Kitange asoose kukindaga. Kitange ky'andaga, kye nkola."

136 Era, Kitaffe, bwe kityo bwe kiri ne leero. Ekkanisa, omukkiriza omutuufu, Omubiri gw'abakkiriza, esobola okutuuka awali Emmere eyo, Emmere ey'omwoyo, aba bulijjo gye batamanyiiko yadde. Ensi terina ky'emanyi ku bikwata ku Mmere eno, Kitaffe. Naye Ekkanisa Yo, abantu Bo, Omugole wa Mutabani Wo, ye agyagala.

137 Tusobola okufuna okuwonyezebwa kw'emibiri gyaffe nga abasawo balemeddwa. Tusobola okukifuna kino. Y'emu ku Mmere ya Katonda, gye yawa Ekkanisa Ye, era n'akisuubiza mu nnaku ez'oluvannyuma eri abaana Be abakkiriza. Kitaffe, tuyambe okuba abaana abakkiriza, kubanga ebintu byonna biyinzika eri abakkiriza. Kituwe, Ayi Katonda. Tukisabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

138 Nzikiriza Billy yaŋŋambye nti baagabye kaadi z'ab'okusabirwa. Wabeewo ambuulira ennyukuta eri ku kaadi z'ab'okusabirwa, ekyo kyokka kye nneetaaga. [Waliwo agamba nti, "C."—Omuk.] C, kale, tutwale C, emu, tutandike, okutuusa lwe nnaatandika olunyiriri lwaffe. Okiraba, kati, bayinza okuba nga babunye wonna. Kati, ssinga buli omu. . . Kale, mulabe, ŋŋenda kugezaako kino. Ssimanyi oba tusobola okukikola oba nedda. Oba ssi ekyo tuyinza okuyita obuyisi abantu mu lunyiriri; mugira mutudde. Nze ku lwange ssi nsonga. Oba mwagala kujja waggulu wano ku kadaala, oba nga gwe tuyita y'ajja mu

lunyiriri, si nsonga, kyonna kye tuba tukoze ku byombi. Kye nneesigamyeko ye Mwoyo Omutukuvu mu bujjuvu. Nneesigamye ku Ye okulwanirira Ekigambo kino kye mbuulidde.

139 Ow'oluganda George Wright, nkikkiriza. Okuviira ddala nga nkyali kalenzi kato, najjanga ewuwo emyaka mingi egyayita, ne mpuliriza ettutuma liri eryali mu muti, Nkyakkiriza Obubaka obwo bwe bumu. Nzikiriza nti bukyali bwe bumu.

140 Kale, ndaba nga bakyatereeza emabega wano olw'olunyiriri lw'ab'okusabirwa. Kale, kaadi y'okusabirwa eriko ennyukuta C, nnamba emu, bbiri, ssatu, nnya, ttaano, mmwe muba musooka okujja muyimirire wano wennyini. Abatasobola kuyimirira, mujja kuwanika buwanisi emikono gyammwe, wajja kubaawo abajja okubakima. [Waliwo ayogera n'Ow'oluganda Branham—Omuk.] (Kiki? Weewaawo. Uh-huh.) Kaadi y'ab'okusabirwa C, emu, bbiri, ssatu, nnya, ttaano. Kati musooke mwetegereze, mmwe abatalina kaadi z'ab'okusabirwa . . .

141 Kati, ndudde okuba n'olunyiriri lw'ab'okusabirwa bwe luti, ebbanga ddene nnyo. Bameka abajjukira okutumibwa kwange bwe twazimba ekkuŋŋaaniro wano? Kwali kugamba nti, "Kola omulimu gw'omubuulizi w'enjiri." Tekwagamba nti ndi mubuulizi wa njiri. Kwagamba nti, "Kola omulimu gw'omubuulizi w'enjiri," olaba, "kubanga ekiseera kijja ekyo we kinaakyusibwa." Ekiseera ekyo kisembedde. Kale. Kati, mu kino, Ye . . .

142 Tosobola kugattika buweereza bwa mirundi ebiri oba esatu wamu, nga oli musumba ate mubuulizi wa njiri y'ebweru, mu kiseera kye kimu. Tosobola kubeera nna—nnabbi ate nga oba oli awo oli musumba, mu kiseera kye kimu, okiraba, kubanga obeera n'emirimu gya njawulo, buweereza bwa njawulo.

143 Wabula Mukama yampa bye nteekwa okukola mu Bubaka bwange. Naye n'agamba nti, "Kola omulimu gw'omubuulizi w'enjiri, yoleka obukakafu bw'obuweereza bwo, kubanga ekiseera kijja kutuuka nga tebasobola kukkiriza kuwulira Njigiriza ntuufu." Ekyo tolowooza nti tekinnatuukirira! Buli kkanisa ya kibiina kya ddiini kyonna yanneegobako. Nga tebasobola kukkiriza kuwulira Njigiriza ntuufu. "Naye nga bagoberera okwegomba kwabwe balireetamu abayigiriza abaabwe, era balikyama okugoberera enfumo obufumo. Era balikola ebintu bingi ebyewuunyisa nga Yane ne Yambere abaaziyiza Musa, naye obusirusiru bwabwe bulirabisibwa." Okiraba? Okiraba? Kale, kugeegeenya! Mulaba engeri Yambere gye . . .

144 Ate, Katonda mu ggulu akimanyi, nti ekyo kiri awo wennyini mu nsonda- . . . (y'ekkuŋŋaaniro eryo) . . . mu jjinja ery'okunsonda okuva mu mwaka gwa 1933, kyawandiikibwa ku muko gwa Bayibuli, kiri omwo mwennyini. Mulabe engeri gye bakikozeemu. Mulabe ebintu ebituukiridde. Okugeegeenya,

kwennyini. Yagamba nti, "Baleke, obusirusiru bwabwe bulirabisibwa mu ngeri y'emu nga obwa Yane ne Yambere bwe bwalabisibwa." Tuutuno mu kiseera ekyo.

145 Nnalaba ekkanisa mu kiseera kiri bwe twali tusimba ejjinja ly'oku nsonda, abantu baali bajjudde buli wamu wonna nga beetoolodde, nga bayimiridde okwetooloola ebisenge by'ekkuŋŋaaniro. Kiikyo. Baagamba, bwe yatandikibwawo, abantu b'omu kibuga wano, baagamba mbu, "Mu bbanga lya myezi mukaaga. . ." Ffe bambi nga tulinawo ddoola emu ne ssente kinaana ez'okuzimba ekkuŋŋaaniro, bangi ku bakola mu magalagi nga baasazeewo dda nti ejja kufuuka galagi yaabwe. Wabula kikyali kisibo kya ndiga Endiga za Katonda n'okutuusa kati.

146 Emu, bbiri, ssatu, ttaano, mukaaga, musanvu, munaana, mwenda, kkumi. C, mukaaga, musanvu, munaana, mwenda, kkumi. Kale.

147 Kaakano, "Nze Mukama nze nnagisimba, ndigifukirira emisana n'ekiro si kulwa nga wabaawo agisikula okuva mu mukono Gwange." Laba okukolokotebwa! Tewali kibiina kya ddiini kyonna kigiwagira. Tewali makanisa gagifaanana okwetooloola mu ggwanga wano. Temuli Mupentekoote n'omu mu ggwanga, tewali kirala kyonna kigibeezaawo. Buli omu awakanya eky'okubatiza mu mazzi, buli omu awakanya ebirala bino byonna. N'ab'omu maka gange bennyini, kitange yennyini yangoba awaka, engoye zange ne nzipakira mu kasawo k'ekipapula ne ŋŋenda mu New Albany. Ddala.

> Naye okuyita mu mitawaana emingi, okufuba n'ebyambika,
> bye nnayitamu byonna;
> Kisa kye kintuusizza wano emirembe,

Nnina emyaka ataano-mu-mukaaga, era mangu ddala nnina okusomoka omugga.

> Ekisa kijja kunnyongerayo.
>
> Bwe ndiba nnaakamalayo emyaka kakumi,
> Mu kutangalijja nga enjuba;
> Tetuliba na kkomo lya biseera okuyimba ettendo lya Katonda
> Nga we twasookera.

O, nga Yesu mmwagala nnyo! Ye ansingira ensi yonna!

148 Ha, kale, bameka be. . .? Nnakomye ku mmeka, kkumi? Tuyinza okwongerako abatonotono? Kale. Zibadde mmeka ezo, kkumi, kkumi na ttaano? Kale. C, kkumi okutuuka ku kkumi na ttaano, wonna we muli, bwe muba musobola okuyimirira ne muyingira. Ogambye ki? Huh? Kale. C, kkumi na ttaano okutuuka ku abiri, kale. Leka tukole C, kkumi na ttaano okutuuka ku abiri. Awo kuba kweyongerako abalala

kkumi. Tukiraba . . . Mulabe—mulabe nga awo olunyiriri we luyimiridde, nga tetubatuuma—tetubatuuma nnyo wamu. Era tujja . . . Kale.

149 Kaakati njagala muntegere ebirowoozo byammwe byonna; tetugenda kulwawo. Naye, kati, o, nga ssaawa, nga kiseera kikulu! Ssinga—ssinga nno buli omu ayagala Mukama. Ssinga—ssinga ffenna tutuuka okutegeera obukulu obuli mu ddakiika eno. Leka tukigezeeko. Muntegere ebirowoozo byammwe.

150 Kiki—kiki kye tugezaako okukola wano? Tuli mu kugezesa Kigambo kya Katonda. Eriya yakola ekintu kye kimu, yayambuka waggulu ku lusozi oluvannyuma lw'okukitegeera nti yatumibwa kuva eri Katonda okukikola. N'agamba nti, "Kaakati leka tukakase Katonda y'ani, leka Katonda anaayanukula n'omuliro abe nga ye Katonda."

151 Abakaafiiri ne beesala, o, ne bagamba nti, "Kale, mazima, nedda . . . " Aba—abakaafiiri baakimanya nti omuliro tegugenda kukka, kye baava baleekaana ne bawoggana.

152 Naye Eriya yakimanya nti gwali gugenda kukka, kubanga yali afunye okwolesebwa okuva eri Mukama.

Oyinza okugamba nti, "Yafuna okwolesebwa?"

153 Yee, ssebo! Bwe yamala okutegeka buli kimu, n'agamba nti, "Mukama, bino byonna mbikoze okusinziira ku kiragiro Kyo." Awo omuliro ne gutandika okukka. Ekigambo kya Katonda bwe kikuumibwa obutasuulako yadde ennyukuta, awo guba mulimu gwa Katonda okutuukiriza ebisigadde byonna. Akusaba kimu kyokka kubitegeka awo. Naye kakasa nti wayitibwa okubitegekawo. Okiraba? Era bw'oba nga wayitibwa, ajja kutuukiriza ebisigadde byonna.

154 Kaakati, wano abantu we bajja okuyita mu lunyiriri luno be ŋŋenda okusabira . . . Kati, kale, munaatera okutuuka ku kisenge kati, kale, olunyiriri kati lutandike. Kati, okusooka, waakiri awamu wano mu kizimbe, abantu abamu . . .

Bameka wano nga oli mulwadde naye nga tolina kaadi y'ab'okusabirwa, yimusa omukono gwo. Olaba, kyenkana bali buli wamu. Kaakati, omanyi ssinga Mukama waffe . . . Era nzikiriza ajja kukikola, bw'aba nga Ye omu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Yakolanga ennyiriri z'okusabira abantu. Abantu bajjanga gy'Ali mu nnyiriri ennene, enkuyanja, n'Abakomako, n'abawa omukisa. Era lumu yayimirizaamukko n'agamba nti, "Ani ankomyeko?" N'amagamaga, n'abaako omukazi gwe yagamba ekyali kimumukwasizzaako; n'agamba nti ekikulukuto kye eky'omusaayi kyali kikomye, okukkiriza kwe kwali kumuwonyezza.

155 Watya ssinga omukazi yakyuka n'agamba nti, "Wabula nno, ssimanyi, Mukama, kino kinduddeko ebbanga ddene"? Kyandibadde tekibeerawo. Nedda, tekyandibaddewo. Nedda.

156 Watya bwe yagamba omukazi Omukanani nti, "Olw'ekigambo kino ky'oyogedde, muwala wo, omwoyo omubi gumuvuddemu," watya ssinga omukazi yagamba nti, "Kale, kati, Mukama, nja—njagala okikole mu ngeri *bw'eti*"? Omwo—omwoyo omubi gwandisigadde mu muwala oyo. Naye yasuubira okusanga muwala we ddala nga bwe yali agambye nti bw'anaamusanga.

157 Kaakati, yatugamba nti, "Bw'oba osobola okukkiriza! Bw'olyogera eri olusozi luno nti, 'Siguukululwa,' n'otabuusabuusa mu mutima gwo, wabula n'okkiriza nti ky'oyogedde kijja kutuukirira, osobola okukifuna. Bw'osaba, kkiriza nti okifunye, kijja kukuweebwa." Nga kisuubizo kya maanyi!

158 Kati omuntu abuulira enjiri ekwata obukwasi ku mbeera y'abantu eya bulijjo ekyo takikkiriza n'akatono. Ayinza okujja n'atuuka ku mulyango, n'alingizaako munda, oba n'ayimirirako awo, n'agamba nti, "Bano, nabo kibinja kirala eky'abatukuvu abeevulungula," n'atambula n'agenda. Okiraba? Naye nga takimanyi nti eno ye Mmere eyakwekebwa. Takimanyi nti kino kye Kintu ekikusike ekyamukwekebwa obutakiraba. Takimanyi. Kya—kya—kya nnaku, endowooza eri obukunya, ennakuwavu, enzibe y'amaaso, naye nga tebakimanyi. Okiraba? Ekyo kintu kibi.

159 Ayi Katonda, leka waakiri nfe mangu, naye toŋŋanyanga kubeera bwe ntyo. Waakiri nfa (yee, ssebo) okusinga okukola ekyo. Nze ndowooza buli omu ku ffe bwe yandikoze, ssi bwe kiri?

160 Naye, kati, Katonda atusuubizza ebintu bino mu nnaku zino ez'oluvannyuma. Mu Malaki 4, wagamba nti Yesu Kristo wa kukka wansi yeekweke mu mubiri gw'omuntu nga bwe yakola e Sodoma. Ky'ekyo. Era wagamba nti ensi eriba mu mbeera nga ey'e Sodoma. Ne wagamba nti, "Nga bwe kyali luli, Omwana w'omuntu ekyo kye kiseera mw'alibikkulirwa." Laba, Omusajja ono eyajjira mu nkula nga ey'omuntu, eyali "Elohim," eyayitibwa atyo Ibulayimu, nga omwana ono ow'obulenzi eyasuubizibwa tannajja. Laba kye yali, Ibulayimu yagamba nti yali Katonda. Ate Bayibuli egamba nti baali abasajja basatu abajja gy'ali, nga balina akafuufu ku ngoye zaabwe, baatambula, ne batuula wansi ne balya nga abantu. Era Yesu n'agamba nti, "Mu kaseera kennyini ensi w'eriyingirira mu mbeera nga ey'e Sodoma, awo Omwana w'omuntu w'aliddiramu okwebikkula nate." Ssi Omwana wa Katonda, wabula Omwana w'omuntu, okiraba, alyebikkula.

161 Kati ekyo kigeraageranye ne nnabbi asembayo kye yayogera nti, "Laba, mbatumira Eriya nnabbi, era alizzaayo emi—emitima gy'abaana eri bakitaabwe." Okiraba? Obubaka obw'okubakomyawo eri Bayibuli, era Omwana w'omuntu aliba yebikkula mu kiseera ekyo. Era mu biro ebyo eby'okuvuga

kw'eddoboozi ly'omulembe gw'ekkanisa ogusembayo, malayika ow'omusanvu, ebyama bya Katonda biteekwa okutegeerekeka mu mulembe ogwo. Obubonero Omusanvu bulibembulwa. Ebyama by'amakanisa gano gonna n'ebintu, engeri gye byabaawo, na biki ebya-. . . engeri, biki ebyabaawo.

162 Olaba, tebakimanyi. Yesu yagamba nti, "Mmwe Abafalisaayo abazibe b'amaaso!" N'agamba nti, "Omuzibe ssinga akulembera omuzibe omulala, bombi tebagwa mu kinnya?" Olaba, eyo ye nsonga lwaki abantu abo Ekyo tebakiraba.

163 Ekyama kyabwo, kiri nti, Obubonero obwo, buli emu ku kkanisa ezo yakola ekibiina ekigunje n'ekiyingiramu, ate nga ekyo kye kimu ku bintu eby'ekyama ebibadde ebikyamu mu maaso ga Katonda. Okiraba, Dokita Lee? Okiraba, labayo. Bwe kiri. Ekyo kye kintu kyennyini. Ekyo kye kimu ku byama. Baagunjaawo ebibiina ebiddukanyizibwa ku nkola y'obuntu era, olaba, era kyali bweru wa kwagala kwa Katonda ddala. Era ekyo kiryatuukirizibwa mu nnaku ez'oluvannyuma, abantu balyoke bakulemberwe, nga ssi kubatwala mu kiyiiye oba ekibiina ky'eddiini, wabula okubazzaayo ku Kigambo eky'amazima. Era Ekigambo eky'amazima kya kujja eri ekibiina ky'abantu eky'enjawulo, era Omwana w'omuntu alyebikkulira mu makkati gaabwe, "nga y'omu jjo, leero, n'emirembe gyonna."

164 O, bannange! O, ekyo nkyagala. Njagala—njagala okumwenyumiririzaamu. Njagala oku—okulaga bw'Ali omunene mu maaso g'abantu. Tekinneetaagisa kulaga nga bw'Ali munene; Ye munene. Ali waggulu nnyo tosobola kumusukka, atuuka nnyo wansi mu buziba tosobola kukka wansi We, mugazi nnyo tosobola kumwebulungulula, naye ate nga olina akafo mu mutima gwo mw'Asobola okubeera. Toomusembeze? Mukama waffe nga wa kitalo nnyo! Kale.

165 Kaakati tusiriikirire ddala, ffenna. Kati, Kino tukyogeddeko. Naye kati ensonga eri nti, kituufu? Kati, wayinza okubaawo abagenyi wano. Nnyinza okuku. . . gamba ntinno, Kristo bw'aba nga y'omu jjo, leero, n'emirembe gyonna, yandikoze ki mu ddakiika eno? Yandikoze ekintu kye kimu kye yakola bwe yali wano omulundi ogwasooka. Ekyo ssi bwe kiri? Okukkiriza kw'abantu kwandikutte ku kyambalo Kye, era yandikyuse. Nga bwe yakola eri omukazi eyali ku luzzi, ne bwe yakola mu bifo ebirala, n'ategeera ebirowoozo byabwe.

Kati, weebuuza nti, "Yandimponyezza?"

166 Ekigambo Kye kigamba nti ekyo yakikola dda. Naye ensonga eri nti, Ye kwe kutegeeza nti waali wano.

167 Kati, ssinga atulabikira mu nkula ey'omubiri ogukwatikako, nga afaananira ddala nga ekifaananyi Hofmann kye yasiiga ekiraga *Omutwe gwa Kristo ku myaka Asatu-mu-esatu,* nga n'omusaayi gukulukuta okuva mu bibatu Bye, n'ebirala,

nga enkovu z'emisumaali zonna zimujjudde, ssandikikkiriza. Nedda, nedda. Nedda, nedda. Bw'Alijja, Mwene, "Buli liiso lirimulaba, buli lulimi lulimwatula; era nga ekimyanso bwe kiva Ebuvanjuba ne kidda Ebugwanjuba, bwe kityo bwe kiriba." Okiraba? Tetukkiririza mu nzikiriza zino ezikyamya n'obudiinidiini. Tukkiriza nti Katonda kye Kigambo.

168 Naye ayambala omubiri Ye Mwene, ng'atwala omubiri gwo n'omubiri gwange, n'akuwa ebirabo, n'ampa ebirabo, era okuyita mu birabo bino omwo mwe yeemanyisiza. Eyo ye Mmere enkusike. Ne bwe yeemanyisa okwenkana wa okuyita mu nze, olina okukikkiriza, olina okuba n'ekirabo eky'okukkiriza, naawe, okusobola okukikkiriza. Ekyo mukikkiriza? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Kale kati ssinga aneeyoleka mu ngeri eyo, onaamukkiriza? ["Amiina."] N'omutima gwo gwonna, onaamukkiriza? O, nga kya kitalo, nkyamulindiriddeko katono, nnindiridde kulaba ky'Agamba.

169 Wuuno omusajja ayimiridde wano. Ssimulabangako mu bulamu bwange, nze nga bwe mmanyi. Alabika nga ali obulungi, ow'amaanyi, omusajja omulamu obulungi, era weesanga ali bulungi, ssi—ssi—ssimanyi. Wabula ayimiridde awo. Kati, nsobola okugenda ne nteeka emikono ku musajja oyo ne mmusabira, ne mmubuuza oba nga anakkiriza. Asobola okuyimirira wano n'aŋŋamba, n'ayogera nti, "Nja—nja—njagala osabire *Gundi*. Era nnina—nnalwala ebigere ebibyabyatavu. Omutwe gunnuma, olutata. Nnina amabwa mu lubuto," oba ekintu bwe kityo. Ayi—ayi, ssimanyi. Ayinza okwogera ekimu ku ebyo byonna.

170 Nnandigambye nti, "Kale, ssebo, ow'oluganda. Ŋŋenda kukuteekako emikono gyange nkusabire." Ekyo tekyandibadde na mutawaana n'akatono. Ekyo kyennyini kye tuzze tukola okuyita mu mulembe gwonna. Bwe kiri?

171 Naye, jjukira nti, Yesu yagamba nti kiriba kya njawulo mu kaseera kennyini ak'Okujja Kwe, nga bwe kyali mu biro bya Sodoma. Omusajja eyajja, weema Saala mwe yali yali agikubye amabega, n'agamba nti, (si "Ibulaamu," kati) "Ibulayimu."

172 Okiraba, yali Ibulaamu, eggulo limu. Naye yafuna okwolesebwa, era Mukama n'amugamba nti, "Ŋŋenda kukyusa erinnya lyo."

173 Era wuuno wano Mukama, Mwene, mu nkula ey'omuntu, nga alya era anywa wamu naye. N'agamba nti, "Ibulayimu, mukyala wo ali ludda wa, Saala?" S-a-a—l-a; sso ssi S-a-l-a-a-y-i.

N'agamba nti, "Ali mu weema, emabega Wo."

174 N'agamba nti, "Ndikukyalira, okusinziira ku kisuubizo Kyange kye nnakola emyaka abiri-mu-etaano egiyise."

175 Saala n'abanga eyeesekereramukko. N'agamba nti, "Saala asekedde mu weema mu kaseera kano kennyini, nga agamba

nti, 'Ebintu bino bisoboka bitya okubaawo?'" Uh-huh. "Waliwo ekizibu ennyo eri Katonda?" Okiraba? Tewali. Nedda, ssebo.

176 Kati n'agamba, Yesu yasuubiza nti, "Oyo, Omwana w'omuntu," nga kye Kigambo, (mukikkiriza ekyo?) "alijja mu nnaku ez'oluvannyuma era alyebikkulira mu kiseera ensi mw'eribeerera mu mbeera nga eya Sodoma ne Gomola." Mukikkiriza ekyo nti kituufu?

177 Nga tetunnabaako gwe tusabira, abamu ku mmwe abali eyo musabe mulabe oba nga ddala Omwana w'omuntu akyali y'omu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Buuza bubuuza oba nga ky'Ali, gamba nti, "Mukama, omusajja tammanyi, wabula nkimanyi nti Ggwe omu jjo, leero, n'emirembe gyonna," olabe oba nga ekyo ky'Anakugamba.

Yee, ssebo. Kati situla ku mutwe gwo okumala akaseera.

178 Ali mabega wange. Mwana muto. Alina ebbugumu lingi nnyo kati olw'omusujja. Kawala kato. Ova bweru wa kibuga. Omwana alumizibwa mu lubuto. Alumizibwa. Kkiriza bukkiriza.

179 Kati, ky'ekyo kye yagamba okukola? Omuntu oyo ssimulabangako mu bulamu bwange. Katonda ali mu Ggulu ekyo akimanyi.

180 Omusajja ono wano, alabika nga wa maanyi nnyo era mulamu bulungi. Naye mulaba ekisiikirize ekyo ekimulengejjerako? Ekyo kitegeeza nti, okujjako nga Katonda amuyambye buyambi, tagenda kuwangaala bbanga ddene. Alina kookolo. Ali mu mawuggwe go.

Kaakati, Omwana w'omuntu ali wano.

Alina omugugu ku mutima olw'akalenzi akato, akaana akato. Ssi bwe kiri? Okkiriza nti Katonda asobola okumbuulira ekitawaanya omwana oyo? [Ow'oluganda addamu nti, "Nkimanyi nti asobola."—Omuk.] Asobola. Agenda n'awunga nga takyategeera nga alinga akubiddwa ensimbu. Kyakamala okumubaako gye buvuddeko katono. ["Ku makya ga leero."] Ky'ekyo, ku makya ga leero. Kale okkiriza nti ojja kuwangaala okuze omulenzi oyo, era nti ajja kuba bulungi?

181 Charlie Cox ali ludda wa? Ali ludda wa? Charlie, oli wa? Mbadde ndowooza nti waali wano akawungeezi kano. Wuuno wano, Charlie. Gary, oli ludda wa? Larry, waali? Katabani ke kaalina ekintu kye kimu, ekintu kye kimu kyennyini. Oli ludda wa, Larry? Jangukko wano katono. Kale, wuuno wano. Akalenzi kano nako kaalina ekintu kye kimu. Kitaawe ne nnyina mikwano gyange nnyo. Emyaka giwerako egiyise nnali eyo, nga akalenzi kano kagwa ebigwo, ne kawunga ne kazirika. Yali nsimbu. Bwe nnakizuula ku kalenzi, ne nsaba Katonda akawonye. Tekiddangamu kumutuukako okuva ku olwo. Oyo ye kitaawe; nnyina alina w'atudde erudda wano; era n'akalenzi kennyini, kaakano.

182 Kaakati okkiriza, ssebo? (Weebale, Larry.) Okkiriza, ssebo? Leka Katonda w'Eggulu akuwe ekintu kye kimu, naawe owangaale okuze omwana. Katonda akuwe omukisa.

Ka tusabe.

183 Ayi Katonda, muyambe. Nsaba okusaasira Kwo n'ekisa bimubeereko era omuwe omukisa. Mu Linnya lya Yesu.

184 Muddeeyo e Louisiana kati, nga muli basanyufu, mutendereze Katonda olw'omwana.

185 Ha, weewaawo, ava mu Loiusiana, ddala gy'ava, awo nga ku Nnyanja eyitibwa Charles. Kituufu. Labayo, nsobola okumanya by'olowooza kati. Katonda yeebazibwe!

186 Ggwe nno, ky'osaba ki—kintu kirungi, oyagala kufuna mwana. Wazaalako dda abaana, nga baabo, naye oyagalayo omulala. Leka Katonda w'Eggulu akikuwe, mwannyinaze. Jangu wano, njagala nkuteekeko emikono.

187 Ayi Katonda, wa omukazi ono okuyaayaana kw'omutima gwe, kubanga nsonga esaanidde. Mu Linnya lya Yesu. Amiina.

Kati genda ofune omwana.

188 Katonda ye Katonda omulungi. Ekyo mukikkiriza? Amanyi byonna bye twetaaga. Agabirira buli kyetaago kyaffe kyonna bwe tukikkiriza. Yagamba nti, "Bw'okkiriza!"

189 Waliwo we nnakukwatiddeko mu ngalo. Ssijjukira ludda wa, naye waliwo we nnakukwatiddeko mu ngalo. Ssijjukira bulungi ludda wa, naye tulinako we twabadde, olwa leero awantu awamu, naye ssimanyi we twabadde. Naye ekyo si kye kikulu, si kye tuli wano okwogerako. Oli wano kwogera ku, manya kusaba, oyagala mbeeko omuntu omulala gwe nsabira. Ky'ekyo. Tali wano. Ali mu Georgia, mulwadde. Ssi mulwadde bulwadde kyokka, mu mubiri, wabula ne mu mwoyo mulwadde; kizibwe wo. Okkiriza nti kino Katonda ajja kukikolako kubanga oyimiriddewo ku lwa kizibwe wo? Okikkiriza? Jangu wano tusabire wamu.

190 Ayi Katonda, wa omusajja ono okuyaayaana kw'omutima gwe, asobole okuddayo asange nga omusajja ono akaabirira Katonda. Mu Linnya lya Yesu nkisabye. Amiina.

Katonda akuwe omukisa. Tobuusabuusa. Kkiriza n'omutima gwo gwonna.

191 Oli otya? Tekibadde nti ssaagadde kukukwata mu ngalo, bw'ompadde omukono gwo, mbadde nnina kye nneetegereza. Kibadde kisiikirize, nga kikutte kazigizigi era nga kiddugavu. Eyo ye nsonga. Nkimanyi ssinga nkukwata ku mukono gwo, nnandikizudde nga bwe kiri, olaba. Naye kookolo. Okkiriza nti Katonda asobola okumuggyawo? Ali ku bbeere lyo, ery'oludda olwa kkono. Oyagala kuddayo mu Carolina otendereze Mukama olw'okuwona, si ky'oyagala? Olaba kye ntegeeza? Leka tusabe.

192 Ayi Katonda, mu Linnya lya Yesu Kristo, Oyo Ali wano mu kaseera kano kennyini; abaana nga balya Omugaati gwa Katonda, leka omwana ono naye awoomerwe okukkiriza, Omugaati gw'Obulamu gw'Amuwa kaakano olw'okuwonyezebwa kwe. Leka addeyo era awonyezebwe, mu Linnya lya Yesu. Amiina.

Katonda akuwe omukisa, ow'oluganda. Kkiriza n'omutima gwo gwonna.

Oli otya?

193 Kino kiseera kya kitalo? Abantu balinga abasaanikiddwa entiisa. Oba, oba oli awo kiwulikika nga, amatu gange, walinga awaliwo ekigenda mu maaso kiti, "Whew!" Ddoboozi buloboozi, nga, "Whew," bwe lityo, olaba. Gwe Mugaati gw'abaana. Okiraba? Gwammwe. Gugwo. Ssi gwange; gwammwe. Ndi musanyufu nnyo, mu kaseera kano kennyini, ssi . . . Ndi bulungi, nze nga bwe mmanyi; naye Mugaati gwange, nange, bwe mba mu bwetaavu. Mugaati gwo. Kuzzibwamu maanyi. Eri ggwe atali na mulwadde, kisitula busituzi mitima gyaffe waggulu mu maaso ga Katonda.

194 Kino kiriwo mu ntuuko zennyini, bye yagamba nti Yali wa kubikola, "Era nga bwe kyali mu biro bya Sodoma, bwe kityo bwe kiriba ne mu kujja kw'Omwana w'omuntu, Omwana w'omuntu bw'alibikkulwa." Okiraba? "Era, laba, Mbatumira Eriya nnabbi nga olunaku lwa Mukama olukulu era olw'entiisa terunnatuuka. Alizzaayo emitima gy'abantu eri Kitaabwe." Okiraba? Okiraba?

195 "Awo abatuukirivu balitambulira ku—ku boonoonyi, nga evvu." Balyokebwa nga akabiga, labayo, ensi eryokebwa. Tugiraba nga egenda kubomoka egweemu. Era ensozi eziwandula omuliro ziribuna wano ku nsi, n'obwengula bukwate omuliro.

Ayi Olwazi Olw'edda, onsaasire kaakano, ne ku olwo.

196 Oli otya? Kale, ekimu, olina obulwadde bw'ekikyala, bulwadde bwa kikyala. Olina n'ebirala. Oli mweraliikirivu, ku myaka egyo okuba nga weeraliikirira. Olina ebikutawaanya ebya buli ngeri. Naye n'ekirala, olina okuyaayaana, okw'okufuna Omwoyo Omutukuvu. Ky'ekyo. Ekyo bwe kiri. Okkiriza nti oli . . . Omaze okwatula buli kimu? Okkiriza nti ssinga nkuteekako emikono ne nsaba Katonda akikole, Omwoyo Omutukuvu anajja? [Mwannyinaffe addamu nti, "Yee."—Omuk.] Okikkiriza ekyo? ["Yee, ssebo."] Leka tusabe.

197 Ayi Katonda, nteeka emikono gyange ku mukazi ono, mu nkola y'abatume, nga nsaba afune okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu. Mu Linnya lya Yesu Kristo, leka amufune. Amiina.

198 Tokibuusabuusa. Wuwo, okiraba. Wuwo. Ogwo mu—Mugaati gw'abaana.

199 Olina muli engeri gy'owuliddemu bwe ŋŋambye nti, "bulwadde bwa kikyala," ssi bwe kibadde? Kubanga bubadde bukuluma, nabwo. Kaakati okkiriza nti ogenda kuba bulungi katikati? Genda, nga weebaza bwebaza Mukama.

200 Oli otya? Okkiriza n'omutima gwo gwonna? Okkiriza nti ogenda kuddamu olye nga bwe walyanga? Kale. Genda, nga bw'ogamba nti, "Weebale, Mukama. Nkikkiriza." Okubeerawo kwa Mukama.

201 Okkiriza nti obuzibu bw'omu mugongo obwo bugenda kukuvaako era ogenda kutereera? Kale. Genda bugenzi, nga bw'ogamba nti, "Weebale, ayi Katonda," ne Katonda ajja kukikuwa.

202 Okkiriza nti osobola okuwonyezebwa, Mukama ajja kukuwonya, era tojja kuddamu kulumwa makajja mu nnyingo, owonyezebwe era obeere mulamu bulungi? Okikkiriza ekyo? Genda, nga omwebaza, gamba nti, "Mukama, nkitwala n'omutima gwange gwonna, era nkikkiriza."

Abali eyo mwenna mukikkiriza?

203 Ggwe ali wano wennyini, teeka omukono gwo ku mukazi oyo akuliraanye awo, mugambe nti emisiwa egizimbye mu magulu n'amakajja mu nnyingo bijja kumuvaako. Bw'anaa . . .? . . .

204 Katonda akuwe omukisa. Okkiriza nti ogenda kutereera kati? Ddayo eka otereere. Katonda akuwe omukisa. Weddireyo, nga bw'oyogera nti, "Weebale, Mukama Yesu."

205 Oli otya? Okkiriza nti obulwadde bw'ekikyala bugenda kukuvaako, naawe, era nti ogenda kutereera? Genda, nga bw'ogamba nti, "Weebale, Mukama."

206 Oli otya? [Mwannyinaffe addamu nti, "Nnanuuse akabebenu."—Omuk.] Banaaye, eh, eh! ["Totten."] Erinnya lyo ndimanyi. Nna—nnateranga . . . ["Totten."] nga nkyali musumba w'ekkanisa y'Ababaputisiti. ["Totten."] Totten. ["Della Totten."] Mwannyinaze Della Totten. Olumizibwa omugongo kati. ["Yee."] Gugenda kuba bulungi, kati. Okkiriza nti Agenda kukuwonya? Ojjukira ekyabaawo emmanga eri mu Kkanisa y'Ababaputisiti ey'e Milltown emyaka egyayita? ["Weewaawo, ekyo nkijjukira!"] Akyali Katonda y'omu n'olwa leero. Katonda akuwe omukisa, mwannyinaze.

George Wright, oli ludda wa? Ojjukira? Abaffe, nga . . .

Okkiriza, bwe nkuteekako emikono gyange, n'amafuta gano, okkiriza nti ojja kuba bulungi? Jangu wano. Mu Linnya lya Yesu Kristo leka omukyala ono awonyezebwe. Amiina. Beera n'okukkiriza!

Kale, mwenna mukkiriza n'emitima gyammwe gyonna?

207 Kaakati, ekyo nga kinzijukiza eby'edda, bwe ndaba omukyala oyo! Ssisobola kujjukira linnya lye, bulungi, naye . . .

[Waliwo agamba nti, "Totten."—Omuk.] Totten. Totten, kituufu. Ha, weewaawo, muwala we yali Bertie. Ky'ekyo. Ky'ekyo ddala kyennyini. Temulowooza nti ssikyategeera, naye nninamukko, omanyi, kiringa . . . Ssisobola kukinnyonnyola.

208 Naye okulumizibwa kw'obadde nakwo mu mugongo kugenze, nnyabo. Genda, otendereze Mukama, nga bw'ogamba nti, "Weebale, Mukama."

209 Okkiriza nti okulumizibwa kwo mu mutima kugenda kutereera, naawe? Genda bugenzi, jaguza, ogambe nti, "Weebale, Mukama Yesu," era okikkirize. Kale. Beera n'okukkiriza kati. Tobuusabuusa.

210 Jangu, nnyabo. Okkiriza n'omutima gwo gwonna? Olina ebikutawaanya bingi. Olumizibwa omugongo, naawe. Okkiriza nti Katonda agenda kukuwonya? Kale, genda bugenzi, nga bw'ojaguza. Ekyo, Ye y'akuleetera okuwulira bw'otyo. Weebaze Mukama. Katonda akuwe omukisa, mwannyinaze.

211 Oli otya, mutabani. Okkiriza nti Katonda agenda kuwonya okweraliikirira kw'omwana oyo atereere? Okikkiriza? Kale. Owange, mukwano, leka nkukwateko mu ngalo.

212 Ayi Katonda, jjawo ekintu ekyo ekibi ku kalenzi kano, era leka kabeere kalamu era katereere. Mu Linnya lya Yesu. Amiina.

213 Katonda akuwe omukisa, ow'oluganda. Okikkiriza ekyo, si bwe kiri? Ojja kuba bulungi. Tobuusabuusa n'akatono.

214 Muto nnyo ddala okubeera n'obuzibu bw'omutima. Okkiriza nti Katonda anaakuwonya? Genda, nga bw'ogamba nti, "Weebale, Mukama, olw'okumponya."

215 Okkiriza nti Katonda anaawonya obuzibu bw'olubuto olukuluma era akutereeze? Weddireyo, nga ojaguza, nga bw'ogamba nti, "Weebale, Mukama."

216 Akyali Katonda, ssi bw'Ali? Ky'olina okukola kimu kukkiriza bukkiriza. Ssi bwe kiri ekyo? Mukkiriza Omwana w'omuntu mu nnaku ez'oluvannyuma?

217 Waliwo ekintu ekibaddewo wano mu ddakiika ntono eziyise, naye ssi . . . ngezaako okunoonya wa we kibadde. Waliwo abadde n'okukkiriza alina ky'akoze. Oba, mpozzi nnaamufuna Ssande ejja, oba we nnaasobolera. Ye ggwe—ggwe . . . Kiikyo kizzeemu nate. Owanise omukono gwo. Okkiriza nti Katonda asobola okuwonya obuzibu bw'omutima obwo, n'otereera, n'awonya muwala wo ali eyo ne—ne . . . Okikkiriza? Muky. Neff, okkiriza nti Katonda . . . Leo Neff. Ssikumanyi, naye bwe batyo bwe bakuyita. Olina obuzibu bw'omutima, ne kawala ko kalina obulwadde bw'ensigo. Okkiriza nti kagenda kutereera? Okukkiriza kwo kukuwonyezza. Kkiriza n'omutima gwo gwonna.

218 Ggwe ali emabega wali we tubatiriza, oyimiridde awo n'obuzibu bw'olubuto, Yesu Kristo akuwonya.

219 Mukkiriza? Abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Buli omu teeka emikono gyo ku munno kati. O, lowooza ku ssaawa gye tulimu, lowooza ku kiseera kino. Lowooza nga bwe tuli mu Kubeerawo kwa Yesu Kristo, Omwana wa Katonda. Yasuubiza nti bino Yali wa kubikola mu nnaku ez'oluvannyuma. Ntadde emikono ku butambaala buno.

220 Ayi Katonda, nsaba owe omukisa obutambaala buno olw'okuwonyezebwa kw'emibiri gy'abantu, okuyita mu Linnya lya Yesu Kristo.

221 Kaakati, nga buli omu atadde emikono ku munne, buli omu ku mmwe kitundu ku Mubiri gwa Kristo. Omwoyo Omutukuvu y'omu eyasuubiza okubikkula ebyama by'emitima era n'okukola ebintu bino, y'Ali mu mmwe. Muli kitundu ku Ye, naye Ali kitundu ku mmwe. Kati, yagamba bw'ati nti, "Obubonero buno banaagobereranga abo abakkiriza." Abo ye mmwe. "Bwe banassanga emikono ku balwadde, banaawonanga." Kati, teweesabira, sabira oyo gw'otaddeko emikono, kubanga naye akusabira. Kaakano leka tusabire wamu, era leka waleme kubaawo munafu mu kizimbe kino. Nga lwaki twongera okulinda, muganda wange, mwannyinaze omwagalwa, Wuuno wano, Omwoyo Omutukuvu, Katonda, wano wennyini, Ekintu kyennyini kye twogeddeko.

222 Ayi Yesu, tussaamu ekitiibwa Okubeerawo Kwo. Wakomyawo obulamu bw'akaana kali akato jjuuzi, bwe kaali kafudde, okuyita mu kusaba okw'okukkiriza. Ayi Katonda, waliwo bangi nnyo wano be tutasobodde kutuukako, obudde bugenze, naye buli omu atadde emikono ku munne. Bakkiriza. Tutudde mu Kubeerawo kwa Mukama Yesu Kristo, eyazuukira okuva mu bafu, abeera obumu jjo, leero, n'emirembe gyonna.

223 Ssitaani, owanguddwa! Yesu Kristo yakuwangula! Yazuukira okuva mu bafu era ayimiridde wakati mu ffe akawungeezi kano, nga akakasa Obubaka buno obw'ekiseera eky'oluvannyuma. Va mu bantu bano! Baveemu, mu Linnya lya Yesu Kristo! "Mu Linnya lyange banaagobanga emizimu," era ogobeddwa. Mu Linnya lya Yesu Kristo, va mu kibiina kino!

224 Buli omu ku mmwe kaakano akkiriza okuwonyezebwa kwe, yimirira. Buli akkiriza okuwonyezebwa, yimirira. Wanika emikono gyo kati omuwe ettendo!

"Kaakano ntwala okuwonyezebwa kwange," ekyo kigambe Katonda. "Kaakano ntwala okuwonyezebwa kwange. Oba bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna, Kristo. Nkukkiriza kaakano, Saasira obutakkiriza bwange. Amiina."

> Nnaamutenderezanga, nnaamutenderezanga,
> Nnaatenderezanga Omwana gw'endinga
>    eyattibwa ku lw'abonoonyi;
> Mumuwenga ekitiibwa, mmwe mwenna,

Kubanga Omusaayi Gwe gunaazizzaawo buli
bbala.

225 Temumwagala? [Ekibiina kiddamu nti, “Amiina.”—Omuk.] Kale nno leka tumundereze. Buli muntu, nga awanise emikono gye, mumutendereze Oyo, nga ow’oluganda bw’ajja wano okutusiibula.

65-0718E Emmere Ey'Omwoyo Mu Ntuuko Zaayo
mu Kkuŋŋaaniro lya Branham
e Jeffersonville, Indiana Amerika

LUGANDA

©2020 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky’obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky’awaka nga eky’omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky’okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky’okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw’ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS

P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.

www.branham.org